

Israeri
Ebikkulwa

Abakyaaza/Abakulembera bye Bagoberera

Ekisumuluzo eky'okutuukiriza ekigendererwa ky'essomo lino kwe kuba nti bassekinnoomu bategeera okuyaayana kwa Mukama nebaggulawo amaka gaabwe ne baaniriza ensinsinkano(enkungaano) ez'emirundi 10 n'okuteekawo enteekateeka entebenkevu mu kwagala okusobozesa okukomebwaako okw'awamu. Wadde nga tekisuubirwa kuba nti akyaaza ajja kuba na ky'okuddamu eri buli kibuuzo kya muntu, waliwo ekigera eky'obuvunaanyizibwa ku mbeera ey'obuliwo n'ey'omwoyo. Ekikozesebwa kisobola okwekkenneenyezebwa buli ssekinnoomu. Naye ng'amasomo ag'okutunuulira bwe gali ag'omugaso, n'enkola ey'okubeera mu bibinja bw'etyo bweri. Mu kutegeera kino tubasabira nnyo omukisa n'okubeebaza olw'okwaaniriza okuyitibwa kuno okw'Omwoyo.

Wekyaali kigwaanidde, omulamwa gw'essomo gumenyebwa mu bitundu n'ebirowoozo ebissa essira ku by'ogeddwaako ebimu. Wajja kubaawo ebiwandiike n'ebirowoozo ebipya. Ebimu biyinza okuba ebizibu, bisomooza, n'okuba nga byawukana ku bimanyiddwa ebya bulijjo. Akabonero ako wonna wekalabikira we weetaaga okulowooza n'okukubaganya ebiroowozo. Ebiwandikiddwa ebiri mu langi enkwaafu bya kufaananyizibwa n'ebibuuzo ebiri mu langi enkwaafu bya kwanukulwa.

Omulimu gw'ono akulembera mwangu era gwa nkizo. Essuubi liri nti buli muntu ajja kujja n'ebirowoozo bye, empulira ye, ebibuuzo bye, ebizibu bye, by'abuusabuusa n'ebyo by'atya. Kikulu okusonga n'okussa essira ku ebikomekkereza era obuuze abo ababyetabyeemu ekyo kye balowooza ne kye bawulira. Bakkiriziganya n'ebiwandiikiddwa? Bategeera ensonga? Bakisanzeemu obuzibu? Mu byonna, ku buli nsonga, buli muntu alina okuzzibwaamu amaanyi okubaako ne ky'addamu. Toteekeddwa kuwulira nti osuubirwa okuba n'eky'okuddamu eri ebibuuzo by'abantu oba okukebera obutuufu bw'ebyo abantu bye boogedde. Eky'okussaako essira kwe kuyamba okujjayo ebintu buli muntu atageere ekikifanana.

Kyandisinze nti buli nsonga nkulu yonna terina kuteekebwa ku bbali okuba nga ekolebwaako omulundi omulala. Kisingako okumulungula ebikwaatiddwako okusinga okubiyitamu obuyisi mu kiseera ekigere. Bwe tunaatambula bwe tuti, we tunaatuukira ku nkomerero y'akakubo kano, tujja kuba tumanyi okugabana n'abalala. Kati, Omwoyo azaala omugendo ogusookerwako ogutandikira ku mulandira. Bwe tuzimba obulungi nga tuli batono nga tugenze buziba, tujja kulega ku kwekubisaamu okwannamaddala n'okwegatta kw'emitima ejikubira awamu abangi kye babadde bayaayanira. Ku nkomerero, Katonda era Katonda yekka y'agenda okuweebwa ekitiibwa kyonna..

Muntu ki asinga okuba omukulu okuyita okuba ekitundutundu ku kibinja?

- ✡ Ekikozesebwa kino kikoleddwa eri abo abalina ko ku kutegera ku Israeri.
- ✡ Abantu abali mu bibinja ebisabira Israeri balungi okuyita.
- ✡ Emikwaano ejiyaayana okulaba ebintu nga Katonda bw'abiraba.
- ✡ Abo abanoonya okufuna okumanya ku kifo kya Israeri mu byafaayo, mu buliwo kati ne mu bunnabbi.

Okutegeera abantu abasaanira okwetaba mu kino, okubuuza ebibuuzo ebimu kijja kuyamba.

- ✡ Okkiriza nti Israeri erina ekifo ky'eteekeddwa okuzannya mu nteekateeka ya Katonda?
- ✡ Owulira nti ojitegeerako katono era nga wandyaagadde oku genda ebuziba?
- ✡ Wandyaagadde okwetaba mu kabinja ak'abantu akatono mu kusoma okw'emirundi 10 mu ngeri ey'okukubaganya ebirowoozo?

Kyandibadde kikulu nnyo okwogera ku ntandikwa nti kuno okukubaganya ebirowoozo sikwa kigendererwa kya kukuza oba okuwagira ekifo, naye kwa kumala ekiseera ekimala okulaba emirandira n'ebiva mu bitundu bya Baibuli ebikulu okusobola okunyweezebwa mu ki kye tukkiriza.

Tukubiriza buli muntu okusoma ekitundu kya wiiki waakiri omulundi gumu nga okukungaana okw'awamu tekunnabaawo.Tekyandibadde kizibu kubanga tewali ku byo ekiwanvu. Bateekeddwa okuzzibwamu amaanyi okuwandiika ebirowoozo bye bafuna nga basoma. Nga buli omu asomye ekitundu, oba ng'okusoma kutandise oba nga kugenda mu maaso, okukubaganyiza wamu ebirowoozo kulina okubaawo. Ekiruubirirwa si nti buli muntu akkirize buli kimu, naye buli kirowoozo n'empulira bibe nga bivaayo era byekennenyezebwe n'amazima agali mu byawandikibwa. Ng'omukulembeze, kikulu okukubaganya ebirowoozo kuno kuleme kuvaamu busungu oba obunkenke oba okuba ng'omuntu omu yekka y'akweetisse. Kimala ebintu okuba nga bijjiddwayo era birekebwe Omwoyo Omutukuvu abikoleko mu kiseera kye era mu ngeri ye.

Awali ebiwandiikiddwa mu langi enkwaafu, kigwaana okweetoloola mu bantu ng'obuuza kiki kye balowooza. Ebimu ku bibuuzo birina eby'okuddibwamu byangu, ate ebirala ntandikwa ya kukubaganya birowoozo.

Ebirowoozo by'ebibuuzo ku nkomerero ya buli ssomo:

1. Obubaka buno bukuyisizza butya? Bulungi/Bubi.... Ozziddwaamu amaanyi/Oweddemu amaanyi.
2. Kiki ekisiikuddwa munda muggwe era lwaki bw'otyo bw'owulidde? Obusungu ... Essanyu ... Okutya ... Essuubi ...Okweraliikirira
3. Waliwo ekikukutteko .... mu byonna oba kimu eky'enkizo?
4. Olinayo ky'owulidde nga gwe mulundi gwo ogusoose okukiwulira
5. Ofunyeyo okubikkulirwa ku kintu ky'obadde totegeera? Kyogere

6. Mu bisomeseddwa, ofunyeyo ekintu ekikutabudde nga kyetaaga okwongera okukinnyonyola? Kyogere
7. Waliwo ekintu kyonna ky'otakkiriziganyizza nakyo ngowulira ebadde nsobi? Kyogere
8. Bw'obadde owuliriza, ofunyeyo ekyokuddibwamu?
9. Owulira nga wetaaga okukyuuka nga ssekinnoomu oba okw'awamu?
10. Weetagisaawo omutango ogwokusasula? Kiwulilika kitya?

Ebirowoozo by'ebibuuzo ku nkomerero y'olusoma lwonna:

Oganyuddwamu?
Owulira ng'oli kumpi ne Katonda?
Olowooza kati otegedde bulungi ebirowoozo Bye n'enteekateeka?
Owulira nga weeyongedde okukwatagana ne Israeri?
Wandikubirizza abalala okusoma omusomo guno?
Wandyagadde okukyaaza omusomo guno?

Ebirowoozo ku nsonga ez'okusabira:

Ekyetaago ky'okwongera okutegeera nokumanya.....
Okwewaayo okupya eri okwagala okungi ennyo okuli mu mutima gwa Taata....
Okulangirira okwewaayo eri okwolesebwa kwa Katonda ku Israeri....
Okwenenya olw'obutassa kitiibwa mu kigambo....olw'obutafaayo kw'ekyo Katonda ky'afaako... olw'okwefaako wekka.....

Eby'okuteekebwa mu nkola:

Essomo lya Alpha lyakizuula nti kigasa nnyo okutandika akawungeezi n'ekijjulo eky'awamu. Bwe kiba kisoboka, naffe tukubiriza okugoberera enkola eyo. Ekijjulo eky'awamu kirungi lubeerera.

Obudde bwonna obw'olukungaana buteekeddwa okutegekebwa okusobozesa okukungaana ku kijjulo, nga kikwaatagana n'ebikozesebwa eby'essomo n'obudde obw'okusaba. Ekizimbe kitekeddwa okuba eky'emirembe mu kutuula n'embeera y'obudde. Oba eddiiro mu nkula yaalyo oba okwetoloola emmeeza kisobola okukola. Ekitangaala ekirungi kikulu.


Ng'obugazi bw'essomo bweyongera, wajja kubeerawo coordinators abalina obusobozi okuyamba Omukyaaza/Omukulembeze n'ebibuuzo byonna. Kati ebyetaago byonna bisobola okuweerezebwa ku israelrevealed@emmausway.org Abategesi b'essomo basobola okutuukibwaako ku mukutu gwe gumu olw'ebibuuzo byonna oba ebirowoozo.

Abantu bonna abaagala okukyaaza omusomo guno nabo basobola okukozesa omukutu gwe gumu olw'okuweebwa amagezi ku ngeri ey'okufuna ebikozesebwa.
Okufuula ebintu ebyangu, okuwaayo kw'ebikozesebwa emitwalo ena (40,000 ugx) Emitendera egy'okugoberera ng'osindika ekiweebwayo jijja kubaweebwa. Abakulembeze bayinza okukolera ekiweebwayo lisiiti oba okulinda okutuusa nga byonna bikungaanyiziddwa okuva mu bantu. Okukola, okuvvuunula, okukubisa ku mpapula, okusasaanya n'obukulembeze bw'omusomo mulimu gwa kukkiriza. Abantu bwe baba nga baweereddwa omukisa nga bandyagadde okuwaayo okusinga ku kuwaayo kwabwe kijja kuyambira ddala n'okusiimibwa.

Beera nakyo mu ndowoza nti ekiruubirirwa kwe kusemberera Taata owo' Mugulu....okwongera okutegeera empulira ye, Ebirowoozo bye, Enteekateeka ze N'endaba ye.

- ✡ Awulira atya?
- ✡ Alaba ki?
- ✡ Agenda kukola ki?

Mu mazima tujja kusiikuulwa okubaako kye tukola nga twenyigiddemu. Newakubadde nga kikulu okumanya n'okutegeera Omutima gwe, tube nga tutabaganye naye mu mazima naffe ng'abantu buli muntu ne munne.



Ffe abawandiise bino twaali bajulirwa era abeetaba mu mulembe ogwe 60 ne 70 omugendo ogw'abatamanyi Katonda bwe gwa golokoka n'eddoboozi limu ne gumalirira okukikola mungeri endala. Okuyaayana okw'enkyukakyuka eya namaddala tekwaatuuka ku kiruubirirwa kubanga omuwendo omutonotono gwesanga gutuuse ewa Omu yekka eyali ayinza okubawa emirembe gye twaali tunoonya era n'okutuwa emitima n'emyoyo emiggya. Ekyo kye kiri ku mubiri gwa Messaya leero mu nsi yonna. Ng'ekyombo ekinene, omubiri gwa Messaya gubadde gutambula nga guli luuyi lumu okumala ebbanga. Tukungaanyizza ekigera mu kutambula okumala emyaaka 2000. Nga bwe tuyinza okutegeera okwetaaga kw'okukyuuka ku ddaala ery'ebuziba, tulina okumanya nti kitwaala ekiseera ekyombo ekyo okukyuuka. Okukyuuka embagirawo oba okuyimirira kisobola okuleeta okukosebwa ekiyinza obuteewalika. Tuteekwa okukyuuka n'okukomawo; kino tekiriiko kubuuza. Tuwulira nti waliwo obudde

obumala okumaliriza omulimu bwe tuteeka ebirowoozo ku ki Omwoyo ky'ateeka mu maaso gaffe. Olw'ekisa kya Katonda, okuva ku kuzuukusibwa kuno okujja, tewali kuddamu kweebaka nate. Omusomo guno katundu kamu ak'okwolesebwa okugazi eri okukolebwa kw'eddiba ly'omwenge eppya eribadde lirindiriddwa. Amasomo g'okusinza n'okuweereza Katonda, nga tukolagana ng'omubiri ogw'awamu, okukola ku nsonga ez'omu misingi ez'omu mutima, n'okwawula essawa ey'obunnabbi bijja kwogerwako mu mulimu ogutuumiddwa "In search of the obvious....akatabo ak'Eddiba ly'omwenge Eppya" akaafuluma mu 2019.

Beera wa ddembe okwogerako naffe bw'oba ng'olowooza weetaaga okukafuna.

Israeri Ebikkulwa-Ebirimu

Enyanjula 2

Ekitundu 1
Okuteekateeka olutimbee 5

Ekitundu 2
Okutegeera obwetaavu 14

Ekitundu 3
Okubalirira omuwendo 23

Ekitundu 4
Okulaba okusukka ekibikka oba akatimba. 34

Ekitundu 5
Eggwanga ery'obunnabbi... 43

Ekitundu 6
Emirandira wamu n'endagaano... 53

Ekitundu 7
Nga bwe kyawandiikibwa... 66

Ekitundu 8
Okutegeka ekkubo lya Mukama 75

Ekitundu 9
Okutema empenda 88

Ekitundu 10
Kati kiki? 96

Entanda 106

Copyright © 2018 by Arni Klein

Israeri Ebikkulwa

Enyanjula

Okuddamu okugatta Yerusaalemi wansi w'obufuzi bwa Isiraeri mu 1967 kyagobererwa nenkyukakyuka ey'omuggundu mu mwoyo ate ne mu bisaawe eby'obufuzi. Ekikungo eky'Abakarismatic kyazinda ekkanisa eya Evangelical, ate ne ku ludda olw'ensi olutali lwa kkanisa lwakyalirwa okuzukusibwa okw'Omwoyo okunene. Mu bavubuka abangi abaayingira mu nkolagana ne Messaya mwe mwaali ekibinja kyabayudaaya abanoonya. Omulundi ogusookera ddala mu byaasa bibiri, Omwoyo Omutukuvu yalabwako ng'atambula mu ngeri ey'obuliwo wakati mu baana ab'obuzaale aba Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo. Munda mu myaka emitonotono, omuwendo gw'abamu ku bakkiriza bano Abayudaaya abapya ab'ebunaayira mu bugwanjuba baafuuka 'omugendo gwa Messaya'. Naye kyali kigenda kutwala emyaka emirala kkumi okutambula kuno okw'Omwoyo kutuuke ku mbalama za Israeri. Ku luuyi olulala, mu kkanisa ey'ebunaayira ebugwanjuba. Omugaso gwa Isiraeri mu biseera bino ebisembayo kyali kifuuse omutwe ogw'okunyumyako bulijjo wakati mu Bakrisitayo abakkiririza mu Baibuli.

Okuva kw'olwo, wabaddewo okukula nga kutambula mpolampola mu kweyongera okumanya n'okukkirizibwa okw'Abayudaaya abakkiriza mu Messaya ng'ekitundutundu ekikkirizibwa mu bannansi

ba Isiraeri. Awatali kubuuza, essaala wamu n'ebikolwa eby'enkumi ne nkumi ez'abakristaayo bikoze kinene okukendeeza akatimba akabikka ku maaso g'emitima gy'a Bayudaaya.



Ng'enkola ez'Omwoyo ez'awamu mu nsi zeyongedde nnyo, era bwe kutyo n'okukowoolwa bakkiriza mu mawanga okwenyigira mu kuzuukusibwa okw'Omwoyo okwa Isiraeri. Olugendo n'okulungamizibwa mu bubaka obw'enjawulo bukoleddwa okusingira ddala okutuyunga ku ngeri Mukama gyawuliramu, kitukulembere okutuuka mu kutegeera okunene ennyo okw'endaba ye wamu n'enkola.



Isiraeri nkulu gye tuli, kubanga nkulu gyali. Okuyimirira awamu ne Isiraeri kiva mu kuyimirira obulungi wamu ne Katonda.



Ng'okutegeera okutuufu okw'ebyawandiikibwa kya mu musingi, ng'emitima gyaffe gisimbiddwa ku bintu eby'olubeerera kwetegeka okwetagisibwa ennyo okusimba emisingi. Ffena tukimanyidde nnyo okuleetera Katonda ebyetaago byaffe n'okumusaba atukolere okusinziira ku ngeri ebintu gye bitulabikiramu. Naye mu nkomerero bwe tufuuka abaana abakuze mu kumanya nti byonna y'abigabirira naddala bye twetaaga mu bulamu ne mu bwakatonda, bye tufaako bijja kwetoloolera nnyo ku byetaago bye.



Wakati mu lugendo luno, ojja kwesanga ng'osisinkanye okumanya okupya, ebirowoozo ebipya, amagezi amapya era n'endaba enaleeta okusooka okuyimiriramu okufumiitiriza n'okukubaganya ebirowoozo. Ekiruubirirwa kyaffe si kutuuka butuusi ku nkomerero naye okwekenneenyeza ddala n'okumulungula ebintu ebiri mu lugendo.

Okubala ebibala ebirungi, enkola yaffe erina kubeera ng'etegeerekeka bulungi, nga ekoleka, nga yekeneenyezeka nga bweri ey'okubikkulirwa. Obutonnyeze bwonna bwetaaga okugattibwa ekifaananyi kisobole okujjula. Olugendo oluli mu maaso lwa kutambulira wamu. Okutambulira awamu kijja kuyamba okukakasa nti tutuuka mu kifo ekituufu. Okumanya eky'okukola nsonga eddako. Emitima gyaffe bwe giba gitegekeddwa butuufu, tujja kulowooza butuufu era tulabe Katonda wa gyatunuulidde.

Essomo lya Israeri nsonga nkulu ey'eddiba ly'omwenge eppya. Okwenyingira mu kutuukiriza entekateeka za Taata mu nnaku ezijja kijja kwetaaza ekigera eky'okuyayaana ennyo n'okwewaayo ebisangibwa mu kubeerawo kwe wokka.

Tusuubira nti ojja kunyumirwa era oganyulwe mu lugendo luno mu wiiki ezijja.

Arni ne Yonit Klein
Emmaus Way, Israel.

Ekitundu 1

Okuteekateeka Olutimbe

Mu Kuva 4:22-23, tusoma; Naawe oligamba Falaawo nti, bw'ati bw'ayogera Mukama nti, 'Isiraeri yemwana wange, omubereberye; nkugambye nti leka omwana wange ampeereze; naawe ogaanyi okumuleka; laba, nange nditta omwana wo omubereberye wo.' Katonda ataggwaawo ayita Isiraer imutabani we. Mazima ddala kuno si kulangirira Katonda kwe yakola nga kuwewuka, era kino takiyita mu ngeri eno abantu abalala oba eggwanga eddala lyonna.

Nga kino kikulu ffe okutegeera omugaso gw'enkolagana ya Katonda n'abantu be bano abaalondebwa n'ebaawulibwa?

Okudda obuggya kw'Abapolotesitante yali nkyukakyuka ya muggundu mu bulamu bw'ekkanisa. Kwazzaawo okutegeera nti okukkiriza mu Yesu, Omwana wa Katonda, lye kkubo lyokka erituusa mu bwakabaka bwa Katonda. Kwatandika mu mwezi ogw'ekkumi 31, 1517. Kabona ayitibwa Martin Luther yasomooza kyeere enkola ezitali za bwa Katonda wamu n'obuyinza
obw'Ekeleziya Katolika. Emyaka bina egyaddako okutuuka mu gw'ekkumi 31 1917, ebyafaayo bibiri byabaawo ebyakyuusa olugendo lw'ebyafaayo. Byali bikwata ku oyo Katonda gwe yali ayita mutabani we....Isiraeri.

Okumala emyaka 2000 abaana ba Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo baatambulatambula okwetoloola ensi, nga tebalina kifo we bayita ewaka. Mu makati ga 1800, omugendo ogwa ba 'Zionist' gwagolokoka mu Bulaaya omwali Abayudaaya n'Abakristaayo nga kikumiddwaamu enzikiriza nti obudde bwali butuuse Abayudaaya okudda eka. Mu ntandikwa ya 1900, waalabika amayengo ag'emirundi emingi ag'Abayudaaya abatambuze nga bagguse ku mbalama z'ensi ensuubize nga Baibuli bwekiyita. Ekiteewunyisa, Abawarabu abaali babeera mu Palestine nga bwe wayitibwa ne mu mawanga agaliranyewo gaaziyiza nnyo okweyongera kw'okulabikako kw'Aba-

yudaaya. Endagaano ya Anglo- French Skykes gye bayita eya Picot eya 1916, yawa Obufuzi bwa Bungereza Yoludaani , Isiraeri n'amatwale g'aba Palestine era kumpapula n'ekomya Obufuzi bwa Ottoman nga bwali bwafuga dda nga mu 1517.



Mu gw'ekkumi nga 31, 1917, eggye lya Australia n'erya New Zealand (ANZACS) nga baduumirwa Abangereza, baawaguza nga bakozesa emmundu z'Abatuluuki ezikoleddwa Abagirimaani, ne banunula Beeruseba n'ekitundu kyonna ekyo okukiggya mu bufuzi obw'Abasiraamu. Okusussa omuntu yenna kye yanditegese oba okusuubira, emyaka bina gye nnyini oluvannyuma lw'okukyuka, obufuzi bwa Ottoman mu Middle East nebukomekkerezebwa.
Ekyewuunyisa, emabegako ku lunaku olwo lw'ennyini, akakiiko aka Bungereza akakola ku by'entalo kaakakasa Balfour Declaration (Kiwandiiko) ekyaali kigamba nti gavumenti ya Bungereza yali etunuulidde okukolebwa kw'amaka g'Abayudaaya mu kitundu ekiyitibwa Palestine n'ekisa. Enkula n'obugazi bw'enkyuukakyuka obw'ekyo ekyabaawo mu gw'ekkumi nga 31 kijjukizo.



Mu kutunuulira ebyafaayo bino ebikyuusa ensi, tukkiriza nti Katonda asalawo okukola ebintu n'ekigendererwa mu ngeri enetuwa endaba n'okutegeera enkola ez'Omwoyo okusukka kwekyo ekirabwako n'amaaso agabulijjo. Amanyi amagumba gaffe n'obunafu bwaffe. Ayagala tukitegeere. Ategeera ebizibu bye twanganga nga tubeera mu nsi eno ey'omubiri erina emisingi n'ennono enkyaamu ate nga za bulimba.



Kino ddala tukikkiriza? Tukwataganira wa n'okubaawo kw'ebyafaayo bino?

Tukkiriza nti bino byasalibwawo Katonda? Bwe kiba bwe kityo, bitutegeeza ki?



Okubeera n'okutegeera okutuufu okw'obuntu ne kifo Yesu omwana wa Katonda mwayimirira lye jjinja ekkulu ennyo ery'obulamu obwesigamizibwa ku Baibuli obw'Omwoyo. Okubaawo kw'ebyabaawo ebyo waggulu mu nnaku z'omwezi ze zimu,kiraga obukulu bw'okuddamu okukunganya Abayudaaya n'okuzzibwaawo kwa Isiraeri wamu n'okukomyawo amazima nti obulokozi bwajja lwa kisa ate nga Yesu ye mutabaganya wakati wa Katonda n'omuntu. Kyokka, essomo lya Isiraeri n'obukulu bwalyo ekyali nsonga etagonjolwanga mukitundu eky'ekkanisa ekinene mu nsi. Kya muntu nga ssekinoomu, kya ggwanga, kipya era kikadde, kya mwoyo era kya buliwo, kya Baibuli era kya bya bufuzi.



Watya ng'okuzzibwaawo okw'ekkanisa okujjuvu okwetagisibwa mu kuteekerateekera ekkubo ery'okudda

kwa Mukama waffe tekugenda kutuukirizibwa okutuusa ng'ekifo kya Isiraeri ng'omwana wa Katonda kitegeereddwa bulungi?

Obunene bw'ensonga eno bugazi kwenkana ki?



Tujja kukubaganya ebirowoozo ku kifo Isiraeri mweyimirira nga tukirabira mu byawandiikibwa mu wiiki ezijja mu maaso. Obwawufu bw'ebyafaayo ebyo waggulu kyongera ku kukkaatiriza okw'obunnabbi obumu obuleeta Ekigambo kya Katonda mu kiseera kino mu ngeri ey'enjawulo.



Newankubadde ng'essomo lino lituumiddwa 'Isiraeri Ebikkulwa' ekiruubirirwa ne kigendererwa byalyo eby'obuziba kwe kukwata ku ki obulamu bwa Isiraeri kye bubikkula ku Katonda. Isiraeri okubeera mutabani wa Katonda, Omuberyeberye we, tekifanana na Yesu okubeera omwana wa Katonda. Naye ate, kigoberera nti ng'obulamu bw'omutabani omu bwe bujulira endabika ya Taata, mu ngeri y'emu obulamu bw'omutabani omulala nabwo buteekeddwa okujulira endabika ya Taata.



Nga bwe tumanyi nti Ekigambo kya mazima, oluusi 'tetukwatibwako' oba okukomebwako n'ekyo kye tusomye. Abantu abamu balaga obwetaavu 'okukifuna olw'okubikkulirwa'. Naye, mu mazima ekintu kiri mu byawandiikibwa kitumala okutukwaatako okusobola okwaanukula.




Singa tukizuula nti amazima agamu aga Baibuli si malamu mu ffe, twandikoze tutya?




Ebyaliwo mu nnimiro ya Edeni kisumuluzo ekikulu eky'omusingi mukutegeera amazima n'enkula ennyangu ey'olugendo oluli mu maaso gaffe. Adamu ne Kaawa baalimbibwa okulowooza nti Katonda teyali mulungi kimala era nga tassizzaayo mwoyo kw'ebyo bye baali baagala. Baakomekereza bakkirizza nti bajja kwerabirira. Okuva mu kiseera bwe bakkiriza obulimba bw'omusota, enkolagana yaabwe ne Katonda n'emenyebwa. Baasooka kuggala mitima gyabwe nga n'okulya tebanalya ku kibala eky'omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi. Okwawulibwa kwabwe ne Katonda mangu nnyo kyakyuusiza ddala engeri bbo n'abantu bonna gye baali bagenda okutandika okutunuuliramu ebibaawo mu bulamu. Katonda yekka y'asobola okulamula obutuufu ate n'okusunsula ebibaawo nga tubitunuulidde mu ndabika yabyo ey'olubeerera n'ebivaamu. Okumanya obulungi n'obubi awatali Katonda kituleka nga tusibiddwa mu kuvvuunula ebintu okusinzira ku magezi gaffe, bye tumanyi oba


mu ngeri eyabulijjo ey'akaseera obuseera. Naye twebaza nti okuyita mu ssaddaaka ya Yesu, olukusa eri endaba ey'obwa Katonda luzziddwaawo.



Tutekaamu kyenkana ki ng'omuntu sekinoomu oba awamu, okunyiikira okunoonya okulaba ye kyalaba?



Okulaba ye ky'alaba kirungi. Okuwulira nga ye bw'awulira kisingako.



Kitegeeza ki okumanya Katonda mu buziba? Ekigambo ky'Olwebbulaniya ekitegeeza 'okumanya' kisukka ku kuba n'okutegeera nga okw'obuyivu. Kiggyayo omukwano ogw'ebuziba ogubaawo wakati w'omwami n'omukyaala. Kiwa ekifaananyi ekijjudde eky'okweggula n'obwerufu. Mu Matayo 7 ne Matayo 25, Yesu ayogera ku bantu b'atamanyi. Ku ngulu kw'ekigambo kino osobola okwewuunya. Kisoboka kitya? Ategeeza ki? Amanyi buli kimu ku buli omu buli wamu. Naye okusinziira ku ndaba ey'ekyebbulaniya, kitegeerebwa nti ayogera ku bbulwa ery'omukwano ogw'ebuziba. Mu ngeri endala, agamba, "Tewanzigulirawo ddala mutima gwo. Tewannee-

weera ddala wenna. Obulamu bwo wabwesigaliza obufuge. Tetwafuuka omu mu mwoyo".

Mu bifo bingi ebyawandiikibwa bisonga ku bantu b'ensi ng'Abayudaaya n'Abayonaani. Okunnyonnyola kwa wano okw'okubeera Omuyonaani tekutunuulidde nnyo ku kubeera wa ggwanga eryo. Okusonga ku batabani ba Sayuuni ne batabani ba Bayonaani mu Zakaliya 9:13 esukkawo ku ndaba ey'ensi ebbiri okusinga ku wa wezisangibwa oba wezitudde. Abantu ba Katonda Bebbulaniya mu ndowooza. Endaba y'ensi ewakanya….. endaba ey'obulamu…. Etera kuyitibwa ya Kiyonaani.

Endaba y'Ekiyonaani ey'ensi, nga yefuga entegeera y'ensi etwetoolodde, egamba, "Soma Baibuli olyoke otegeere Katonda". Endowooza ey'ekyebbulaniya egamba, "Manya Katonda olyoke otegeere Baibuli".

Okusoma Ekigambo awatali kumanya Katonda kituleka nga tukiwulirira mu "ddoboozi lyaffe" oba okukirabira mu kutegeera kwaffe okwaleero. Yesu agamba Nikoodemo, Yesu n'addamu n'amugamba nti, "Ddala ddala nkugamba nti Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda (Yok 3:3). Enkola ey'okusoma ng'esinziira ku kutegeera kwa magezi g'Ekiyonaani tesobola kututuusa eri okumanya okw'ebuziba ennyo okwa Taata. Kino kisoboka okuba nti ye nsonga lwaki bangi nnyo abamanyi ku Katonda, naye ng'obulamu bwabwe ate tebutambulira mu bigere bya Ibulayimu oba okulaga enfanaana ky'omwana gw'endiga?

Tuteebereza ki bwe kifanaana okutambula n'endowooza ey'ekyebbulaniya?



Essomo lino lijja kukwasaganya n'ebyawandiikibwa, tufube okutegeera Katonda ky'alowooza nga tusinziira ku ye nga bw'alaba n'okutuyunga ku mpulira y'omutima ggwe. Enkomerero yaabyo tusuubira ejja kututuusa mu mbeera ey'obulamu ey'okutambula ne Taata.



Kyangu nnyo n'omwana omuto asobola okukikola.

Kyangu nnyo omw'ana yekka y'asobola okukikola.



Ekitundu 2

Okutegeera obwetaavu

Nsonga ya kwetegereza nnyo nti oluvannyuma lw'ekyo kye baali balabye n'okumanya okw'ebitonde ne Katonda, Adamu ne Kaawa bayanguwa nnyo okussa ku bbali bye baali bayiseemu ne balondawo okukkiriza ekigambo ekitalina makulu ekyaava mu kitonde kye baali tebategeerangako. Bwe biba ng'ebitonde..... bye byolesa enfanana ya Katonda erabikako..... tebyabamala kubanywereza mu kumanya ki kyaali, tukakasa nti tewaliiwo kye yandisobodde kwogera ne kibamatiza. Okutuusa ng'omuntu afunye Omwoyo Omutukuvu wetusobolera okumumanya mu mazima.

Ensonga enkulu ey'ekitundu kino kwe kwanjula obwetaavu bwa Katonda obwaleeta okuzaalibwa kw'eggwanga lya Isiraeri.

Okutegeera obwetaavu

Katonda yategeeza bannabbi be ekiruubirirwa kye;
"Naye eno ye ndagaano gye ndiragaana n'ennyumba ya Isiraeri oluvannyuma lw'ennaku ezo, bw'ayogera Mukama; nditeeka amateeka gange mu bitundu byabwe eby'omunda, era ndigawandiika mu mitima gyabwe; nange n'abanga Katonda waabwe, nabo banaabanga bantu bange," (Yer 31:33).

"Era ndibawa n'omutima omuggya, ne nteeka omwoyo omuggya munda mu mmwe; era ndiggya omutima ogw'ejjinja mu mubiri gwammwe ne mbawa omutima ogw'ennyama. Era nditeeka omwoyo gwange munda mu mmwe, ne mbatambuliza mu mateeka gange, era mulikwata ebiragiro byange ne mubikola" (Ez 36:26-27).

Oluvannyuma lw'okutonda omuntu nga ye yeyagalidde, Katonda mweene yali tasobola kutwekakaatikako. Okusobola okuteeka Omwoyo we munda mu ffe, kyali kitwetaaza okumuwa obulamu bwaffe. Si nsonga nnyangu nnyo. Obubi bw'ensigo eyasimbibwa mu Adamu ne Kaawa nti Katonda si mulungi ebadde yeyongerayo mulembe ku mulembe. Okugatta ku nsonga eyo, obutasoboka bw'endowooza ey'obuntu okutabaganya engeri Katonda wa Baibuli kye yandikkiriza obubi obutafumiitirizikako mu nsi okutojjera nga bwe bukoze.

Ekisembayo kiri nti bangi tebalina kigera eky'obwesige obumala obwetagisa okuyingira mu nkolagana eyogeddwako waggulu okuyita mu Yeremiya ne Ezeekyeri. Si nsonga ki Katonda ky'asobola okukola oba okwogera, tulowooza nti alina ky'agoba ku nkomer-

ero ekinatuleka ebweru mu bunnyogovu. Ob'olyawo okusukka ku kizibu eky'obutamwesiga ge mazima nti okufuna Omwoyo wa Katonda n'okuyingira mu nkolagana ey'ebuziba kijja kwetaaza okuweerayo ddala obulamu bwaffe..... okutwaaliza awamu, kye kintu ekisemberayo ddala kyennyini kyennyini kyennyini omuntu kye yandirowoozezaako okukola.



Okukubaganya kw'ebirowoozo kuno kwonna kw'amakulu eri abo bokka abakizudde nti teri kintu kyonna mu nsi ekisobola okujjuza omuwaatwa oguli mu mutima gwaffe. Ku lwa bino waliwo eky'okuddamu eri akavuyo kano. Katonda yetaaga kututuusa butuusa ku kkomo ery'essuubi ery'abaana ba bantu, nga tewakyaali wakukyuukira, n'olwekyo nga tetulina kya kufiirwa.
Teri agenda mu ddwaliro kulongoosebwa bwe kuba ng'okumira empeke kisobola okugonjoola ekizibu. Kyokka mu kumanya kw'ekibi n'okwawukanira ddala okw'olubeerera okuva ku Katonda kye kikola amakulu ag'okuwaayo obulamu. Ekinyusi ky'obulukozi kwe kuwanyisa obulamu bwaffe tufune obubwe.

"Awo Yesu bwe yakiwulira n'abagamba nti, "Abalamu tebeetaaga musawo, wabula abalwadde. Sajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi okwenenya." (Makko 2:17)

Okumanya nti teri atuukiridde (Abaruumi 3:10-12 ne Zabbuli 14:1-3), Yesu agamba nti aggiridde abo bokka abamanyi nti balina kye betaaga kye batasobola kwekolera.



Okubikkulirwa okw'embeera yaffe ey'obuntu kwasoboka okujja mu kumanya enkula ya Katonda entukuvu era ng'etuukiridde.
Omutume Pawulo awandiika mu Bar 3:20, Kubanga olw'ebikolwa by'amateeka alina omubiri yenna taliweebwa butuukirivu mu maaso ge, kubanga amateeka ge gamanyisa ekibi". Ku lwe teeka (Torah), omuntu ajja mu kutegeera nti teri kye tusobola kukola ekitusobozesa okusigala mu kubeerawo kwa Katonda.
Messaya yandijjidde mu budde bwonna n'atuukiriza ebyali byetagisa okutuukiriza ssaddaaka okutangira ebibi by'abantu bonna. Naye okutuusa lwe twamanya nti ye lye ssuubi lyaffe lyokka, okujja kwe tekwandivuddemu bibala.

Okubuulira obubuulizi ku teeka lya Katonda tekyandimaze. Eddaala lino okusobola okufuuka eddamu, abantu bangi baalina okutambulira mu kuyigiriza kwe mu mirembe egy'enjawulo mingi okukakasa awatali kubuusabuusa nti teri yali asobola kutuukiriza byetaago byakwo. Okumanya ku Katonda tekwandisobodde kuwonya bumenyefu bwaffe oba okutusobozesa okusigala mu kubeerawo kwe.
.

Naye, Katonda tumuweeredde ddala obulamu bwaffe bwonna abufuge oba tumwanirizaako kujjuza bbanga mu mitima gyaffe?

Okusabuukulula kw'entekateeka ya Katonda etaggwaawo kwatandika na muntu omu eyali agenda okulera abantu era atambule ne

Katonda mu ngeri enyonnyola ekinyusi ky'okukkiriza n'okubikkula embala ey'amazima ey'okwagala. Okuyitibwa kwa Ibulaamu, eyali ajja okufuuka Ibulayimu, lye lyaali eddaala erisooka mu kuzaala eggwanga lya Isiraeri. Okuyita mu bbo Katonda yali wa kutegekeramu ekkubo eri oyo eyali agenda okuziba omuwaatwa omunene ogutazibika era asobozese omuntu okuyingira mu mukwaano ogw'ebuziba n'omutonzi.

Kikulu nnyo obutakyerabira nti enkolagana ya Katonda ne Isiraeri esibuka mu nkolagana ye ne Ibulayimu. Tusoma mu Isaaya 41:8 ne mu 2Ebyomumirembe 20:7 nga Katonda ayita Ibulayimu mukwano ggwe. Mu Kuva 33:11, Katonda asonga ku nkolagana ye ey'amaaso ku maaso ne Musa ng'omuntu bwe yandibadde ne mukwano ggwe.
Ekigambo ky'Olwebbulaniya ekitegeeza
"'mukwano" okukikwataganya ne Musa kigambo ekikozesebwa ku "mukozi munno mu bya bizinensi". Ekigambo ekitegeeza "mukwaano" ku Ibulayimu, ye "muganzi". Kati ffe okutegeera mu bujjuvu ekifo kya Katonda eri Isiraeri, kyandituyambye okutunula mu bulamu n'eneeyisa ya Ibulayimu Omwebbulaniya.

Tunuulira ensisinkano eyasooka eya Ibulayimu ne Katonda.

"Awo Mukama n'agamba Ibulaamu nti, "Vva mu nsi ya nnyo ne mu kika kyo, ne mu nnyumba ya kitaawo, ogende mu nsi gye ndikulaga. Ndikufuula eggwanga eddene, era ndikuwa omukisa, era ndikuza erinnya lyo; era beeranga mukisa ggwe; nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggwe omukisa, n'oyo

anaakukolimiranga naamukolimiranga nze; ne mu ggwe ebika byonna eby'omu nsi mwe biriweerwa omukisa." (Lub 12:1-3).

Nga tamusisinkanangako, nga tayogera ku Katonda nti yakolayo obubonero bwonna oba ebyewuunyo okumweyanjulira, Ibulayimu yakkiriza okuleka byonna emabega agoberere Katonda okugenda mu kifo gye yali tamanyi; Byonna byewunyisa!



Obulamu bwa Ibulayimu ng'ekyokulabirako, obujulizi bwe n'okuyitibwa bivaayo nnyo mu Luberyeberye 22, ku lusozi Moriya. Katonda okusaba Isaaka attibwe ku kyoto tekifumiitirizikako. Eyazaalibwa mungeri ey'ekyamagero okutuukiriza Ekigambo kya Katonda, eyali agenda okufuuka omusika n'omukutu ogw'ekisuubizo kya Katonda. Omuntu ayinza atya okufuna ekiragiro kino? Ate nga mbagirawo ssaawa busaawa nga Katonda yaakoogera, Ibulayimu n'asimbulirawo okugenda olugendo lwa nnaku satu okuwaayo omwana we omwagalwa nga saddaaka eri Mukama. Tekyewuunyisa? Era tekyewuunyisa okuba nga amanyikiddwa nga taata w'okukkiriza kwaffe!



Ekyo bwe kitaamala, okutuuka ku lusozi Moriya, Ibulayimu agamba abasajja babiri abaali bamuwerekeddeko ne Isaaka; *"...nze n'omulenzi tugenda eri tusinze, n'oluvannyuma tunadda gye muli." (Lub 22:5)*

Olugero luva mu byewuunyo ne luyingira mu byewuunyisa. Wano we wali ekifo ekisooka ekigambo “kusinza” wekirabikirako mu byawandiikibwa, okunnyonnyola ekinyusi okusinza kye ki. Kyasimbibwa ku saddaaka.



Ibulayimu yandikkiriza atya nti oluvannyuma ng’amaze okutta Isaaka, bajja kuddamu bakkirire olusozi bonna?


Omuganzi nga Ibulayimu yekka ye yanditegedde enneeyisa wamu n’embala ya Katonda?




Obulamu bwa Ibulayimu kigera ekipima okukkiriza bwe kufanaana n’okutambula ne Katonda. Tekyalibadde nti okutuusa nga tuwaddeyo byonna nga ye bwe yakola, tetunatandika kutambula?




Twaali twewuunyiza Katonda engeri gye yawulira nga Ibulayim u agalula akambe? Ebitonde byonna biteekeddwa okubeera nga byayasaamirira mu kwewuunya.



Tulowooza Katonda yali awulira atya?



Okusukka ku kwolesa kwa Ibulayimu okw'omukwano wamu n'obwesige bwe, nga kyali kya makulu eri Katonda okuwulira nga amanyika, alabwaako, nga ategeerwa ate nga yesigika.



Wali wewunyiza ku engeri gy'awuliramu ku bintu?



Obuziba bw'okwagala kuno lye jjinja ekkulu ery'okunsonda ery'enkolagana ya Katonda n'abaana ba Israeri. Ng'atunuulira buli omu, ajjukira endagaano ye ne Ibulayimu, omwagalwa we.

Ekitundu 3

Okubalirira omuwendo

Mu kitundu ekiyise waggulu, tukubaganya ebirowoozo ku bwetaavu obw'abantu okufuna eteeka (Torah) n'okulaga nti awatali Katonda kubiyingiramu, okutukuzibwa mu kibi n'okwegatta ne Katonda tebisoboka. Eno y'ensonga lwaki Israeri yayawulibwa. Omuntu yandirowoozezza nti okulondebwa ng'omuweereza wa Katonda ali waggulu ennyo kintu kyawaggulu ate nga kya mukisa okukibeeramu. Kikulu nnyo okumanya nti Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo bwe baamala okuyingira mu ndagaano ne Katonda, waliwo ensonga ezimu mu lugendo lw'abazzukulu baabwe abaali tebanazaalibwa ezaatekebwa mu nkola. Ng'ekigendererwa kyabwe wamu n'omulimu gwabwe bwe gwali omunene, n'omutango gwe baalina okusasula. Endaba n'entegeera ebyanjuddwa mu kitundu kino bijja kukyusaamu mu ngeri gye tukwatamu abantu bano Abayudaaya.

Okuviira ddala ku ntandikwa, buli nsonga eyetooloodde okutondebwa n'obulamu bwe ggwanga lya Isiraeri mu ngeri emu kiraga okuyitibwa n'ekigendererwa kyabwe. Okuzaalibwa kwa Musa, omununuzi eyalondebwa kwajjira wakati w'obulumi bw'okuttibwa kw'abaana ab'obulenzi. Newankubadde ng'ebyogera ku kuttibwa kwabwe kwawandiikibwako ennyiriri ntono, engeri gye kyakoma ku mmeeme ye ggwanga tekyali kyangu kwerabirwa. Emyaka eggyaddako, ate ennaku etagambika yabuutikira okuzaalibwa kwa Yesu mu kufa kw'abaana ba Bayudaaya ab'obulenzi abaali wansi w'emyaka ebiri.

Nga Torah bwe yabikkula amakubo n'embala ya Katonda, ekigendererwa ekiramba ekyayo kyali kya kwolesa obutasobola bw'omuntu okugikuuma n'ekyavaamu bwebwetaavu obw'omulokozi. Eyayitibwa okuva mu bulamu obw'okweyagala kw'ensi, Musa yali wa kubeera kikozesebwa kya Katonda okumwawulira abantu eri Katonda. Obulamu bwe bwayolesa obubaka n'ekigenderwa kya Torah. Nga Musa bwe yazitoowererwa olw'embeera y'abantu be, yasooka kukyolesa na kutta mumisiri. Mu nsisinkano ye eyasookera ddala ne Katonda ku kisaka ekyaaka, Katonda bwe yamusaba agende ayogere eri Falaawo neri Abebbulaniya. Musa yagambirawo Katonda nti 'nedda' ne wakati mu maaso g'ekisaka ekyewunyisa mu njaka yaakyo. Ng'amaze okufuna amateeka ekkumi, Musa yakkirira olusozi okusanga abantu mu mbeera ey'obugwenyufu, era mu busungu bwe obungi yabetenta amateeka ekkumi Katonda ge yali yewandiikidde ne ngalo ye yennyini. Tetusobola kwogera nga tukakasa Katonda bwe yawuliramu ku kino nga bwewatali byawandiikibwa ku kino. Naye Katonda teyagamba Musa obutawa bantu mateeka.

N’ekirala omulundi ogw’okubiri Musa kyamwetaaza okusala amayinja nga ye y'akikola. Kati twewuunya nti kino kyaggyayo embala endala eya Musa ey’omubiri. Mu kwogera kino, tetuwakanya byawandiikibwa mu kumusongako ng’omuntu akyasinze obuwombeefu ku nsi ng’ebyawandiikibwa bwe bigamba nti tewali atuukiridde. Ekyasembayo ku lujegere luno olw’ebiseera ebizibu lusangibwa mu Kubala 20:7-12. Mu kwanukula eri okwemulugunya kwa bantu, nga tewali kyali kiraga busungu, Katonda yalagira Musa okwogera eri olwazi luleete amazzi ag’ekibiina n’ebisolo. Musa yatuukiriza ekiragiro kino nga agamba “Muwulire nno, mmwe abajeemu; tetuyinza ffe (Katonda nange) kubaggyira mazzi mu lwazi luno?”

N'agalula omukono ggwe nakuba olwazi emirundi ebiri amazzi ne gajja. Katonda yayanukula kino ng’agamba Musa n’e Alooni, Olw'okubanga temuneesize okukola nga bwe nnabalagidde, okuntukuza mu maaso g'abaana ba Isiraeri, kye muliva mulema okuyingiza ekibiina kino mu nsi gye mbawadde.’ Ng’akasembayo ak’oku ntikko mu kifaananyi kino, Musa yanenya abantu olw’okumuletera okusalibwako okuyingira ensi ensuubize (Ekyamateeka Olw'okubiri 1:37)

Ensonga y’okugabana oluuyi luno olw’obulamu bwa Musa ssi kumussa wansi. Mu nkomerero, kyandibadde tekiriiko buzibu kale, nga wamu ne Eriya, yalabikira Yesu ku lusozi lw’Okuwanyisibwa. Okuddayo ko katono okutunuulira obulamu bwa Musa kiggyayo eky’okulabirako nti okubeera n’okutambulira mu kumanya amateeka (Torah), tekimala okukyusa emitima gyaffe. Nga kitegerekeka bulungi! Nga kyewunyisa! Oluvannyuma lw’okulaba Katonda n’okulaba ku byamagero ebyanamiriza mu myaka ana mu ddungu, embeera y’omutima ggwe yasigala tekyuuse, nga bwe kyabikkulwa

bwe yakuba olwazi ne mu kuwandiika okwasooka okw'ensisinkano ye ne Katonda(Okuva 3)

Nolw'ekyo tusobola okwogera eri abo abanoonya okutuukirira okuyita mu kukuuma amateeka, bwekiba tekyakolera Musa, kinaakolera kitya omuntu omulala yenna?

Era bwe kityo bwe kyandibadde eri abantu bano ab'enjawulo, abaayawulibwa ate nga baalondebwa. Okufuna amateeka (Torah), eya Katonda, omuntu yenna kyatasobola kukuuma, bwe bwaali obukakafu obw'omusango gwa Mukama; *"Mmwe mwekka be nnamanya ku bika byonna eby'ensi ne mbalonda, kyendiva mbabonereza olw'obutali butuukirivu bwammwe bwonna"* (Amosi 3:2).
'Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa..(Abaruumi)

Kati ki kye tulowooza ku nsonga eno eyokubeera eyalondebwa.... Nga tewali kwesalirawo?

Okumanya mutango ki ogwali ku kuyitibwa kuno, Katonda yakola ensonga ey'okulonda abantu bano abasingayo obutono nti abatono ku bano kyabetagisa okuyitako mu kubonaabona n'obuzibu obwali bugenda okugoberera. Singa Katonda yali yebikkulidde abangi mu mawanga, bonna bandibadde bavunanyizibwa okukuuma eteeka.

Mukama teyabassaako kwagala kwe, so teyabalonda, kubanga mwasinga eggwanga lyonna obungi; kubanga mwali batono okusinga amawanga gonna: (Ekyamateeka Olw'okubiri 7:7).



Ekyo kituleetera kuwulira tutya ku kikwata ku Isiraeri?



Waliwo ekifaanagana wano n'obulamu bwa Yesu, ekitalina kutwewuunyisa kubanga bombi boogerwako nga mutabani wa Katonda.

Yettikka omugugu gw'ebibi ku lw'abantu bonna. Isiraeri yettikka omusango gw'amateeka ku lw'abantu bonna. Enjawulo ennene eri nti Yesu teyaliiko kibi naye Isiraeri yaliko ekibi. Naye tunuulira nti ffena okutwaaliza awamu tufaanagana, abantu bonna abafuna okuyitibwa kuno bandiyise mu kubonabona kwe kumu.



Omusango gwa Katonda ku Isiraeri kwe kusaasira eri amawanga. Kino kituleetera kuwulira tutya?



Okyaava mu kuyitibwa kwa Isiraeri n'ekifo mwe bayimirira mu ntekateeka ya Katonda tekikoma na musango ogusibuka mu butakuuma mateeka omuntu yenna kyatasobola. Ng'ensi bweri omulabe wa Katonda, so era ensi ejja kubeera mulabe w'abantu ba Katonda beyalonda(Yakobo 4:4).



Nga Katonda bwe yasuubiza Ibulaiymu, Isaaka ne Yakobo, alifuula bazzukulu baabwe omukutu ogw'omukisa eri amawanga gonna. Ekiteebereka, talanta enjawufu wamu n'ebirabo ebigoberera okuyitibwa kuno byakoleeza omuliro gw'obuggya n'obukyaayi mu mbala ey'abantu ebaagwa.

Ku nkomerero, mu ndowooza mu kitundu ky'ensi ekisinga ekinene, si nsonga ki ffe Abayudaaya kye tukkiriza, oba tutya oba bwe tusinza, olulimi lwe twogera, wa wetubeera, biki bye twambala oba kiki kye tulya. Tuli Bayudaaya. Ffe kizibu. Ebirala byonna si kikulu.



Ekitirimbula Bayudaaya yali nsonga enkulu eyasalibwawo (oba bwoba osobola eya wansi ennyo), ku kuggyayo ekirabika mu lwaatu ekiraga ekyali kikwekeddwa munda. Kirina n'erinnya lyakyo nga kyo..... Ekisosola Bayudaaya. Newankubadde ng'entekateeka yazaalibwa kusiimuulira ddala olulyo olw'EBbulaniya kiteekebwa ku mukulembeze wa Banazi Adolf Hitler, waliwo batono abataamanya kyali kigenda mu maaso, kubanga enkambi mwe baali bajjudde zaali zibunye mu Bugirimaani mwonna. Abamu baasalawo kusigala nga basirise olw'ensonga ez'enjawulo, ekyabafuula

abaayamba kubatirimbuzi. Ng'omutontomi Omu Irish Edmund Burke bwagamba, 'Ekyetagisa obubi okuyitamu kiva mu balungi obutabaako kye bakolawo.'

Okussukka ku batuuze bassekinoomu mu Bugirimaani ne Bulaaya, abaakolaganira awamu nabo, Abangereza, Bufalansa, Australia, Canada, New Zealand, Buyindi, Soviet Union, China ne America.... Mukumanya ekyaali kigenda mu maaso, tewali kye baakola kulokola Bayudaaya. Tekyaali nti tewali kyebasobola kukolawo. Okukuba bbomu mu nguudo ze gaali z'omukka nga eky'okulabirako, kyandibadde kitegerekeka, kyangu ate nga kikola.

Ekyayita mu Bugirimaani mu gye 1930 ne 1940 kyaali kyatandikanga okweyoleka okumala enkumi n'enkumi ze myaka. Nga bwe twagamba, ejjengo eryaali emabega w'ekitta Bayudaaya kyaali kyalabika dda mu Misiri nga Falaawo alagidde okutta abaana abato ab'obulenzi Abayudaaya bonna (Okuva 1:6). Ggwanga ku ggwanga ligolokosenga okuyita mu byafaayo okussa
wansi, okutulugunya, okuwangangusa, oba okusanyizaawo ddala Abayudaaya.

Ensonga wano ye ffe okulaba obunene bw'obukyaayi eri Abayudaaya bwe bugaziye okwetoloola ensi. Era bwekiri wakati mu mawanga agalabika ebweru ng'emikwano. Nga gamanyi ekigenda mu maaso, omuntu yenna kyasobola okuzuula, obubi bw'endowooza za bantu ne bifo mwe bayimirira bisukka ku nsonga ne kukukiraba obulabi. Omulandira gwakyo guviira ddala mu mwoyo.

Okusirika kwa bangi tekulekaana nnyo okusinga obukyaayi obulangirirwa mu lwaatu..... nga bunyweeza ekyo abalala kye boogerera waggulu? Kisoboka kitya nti Ekitongole Kyamawanga Amagatte kikkiriziganya n'olukiiko olw'awamu eri eggwanga erikyogerera mu lwaatu nga likowoola okuzikiriza Isiraeri wamu n'okufa kw'Abayudaaya? Kiki ekisingako okuba eky'obulabe, okutolotooma kw'omulalu, ekigendererwa eky'oyo eyamuwa omuzindaalo, oba akasirise k'oyo awuliririra mu kibiina?



Tuteebereza Katonda awulira atya ku kifo ensi mweyimiridde?

Tumusuubira kwanukula atya?

Omulimu gw'ekkanisa gwe guliwa ng'efunye obubaka buno?



Tunuulira ebiva mu bulamu bw'omuntu nga sekinoomu akuze ng'awulira bazadde be bakiddingana nga bamugamba teri amwagala, teyetaagibwa, talina makulu, talivaamu kantu, ye nsibuko ye bizibu ku bizibu ne birala ne birala. Okukulira mu mbeera bwetyo ey'okukyayibwa okuviira ddala mu kibaya ejja kuzaala obumenyefu nti Katonda yekka nga y'asobola okubuwonya. Wewuunye bwe

kikosaamu emeeme n'endabika ye ggwanga okuwulira ebintu bwe bityo mulembe ku mulembe. Ne ndaga butonde yaabwe esobola okukyama.



Tukitegeera nti mu mbeera bwetyo emeeme y'abaana ba Isiraeri bweeri?

Tusobola okuteebereza bwe kiwulikika munda eky'okubeera Omuyudaaya?



Waliwo ne kirungo ekirala okugatibwako nga tutunuulira byonna ebituuse ku Bayudaaya mu kugolokosa enkolagana ey'omukwano gwa Ibulayimu ne Katonda.

Mu Baruumi 11:15 tusoma*; Kuba oba ng'okuganibwa kwabwe kutegeeza kutabaganya ensi, okusembezebwa kwabwe kutegeeza ki, okuggyako obulamu okuva mu bafu?*



Omugaso gwe kyawandiikibwa kino gwa byafaayo. Omuwendo gw'abantu abasinga obungi mu Isiraeri bwe baliraba era ne bakkiriza Yesu nga Masiya, kigenda kuyingizaawo okuzzibwa obuggya kw'ensi yonna. Yesu yakirangirira ku Yerusaalemi mu Matayo 23:39:

“Kubanga mbagamba nti Okusooka leero temulindabako n'akatono, okutuusa lwe mulyogera nti Aweebwe omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama.”

Okwogera kuno okwangu kuteeka ekisumuluzo ekisembayo eri okudda kwa Yesu mu mikono gy’abaana ba Isiraeri. N'olwekyo guno mukolo ogumu ogusingira ddala okutiibwa obwakababaka obw’ekizikiza. Ekyamazima, tewali nkomerero amaanyi ag’ekizikiza kye gatasobola kuyingiramu okuziyiza kino okutuukirira. Okutegeera kuno kwokka kunnyonnyola ejjengo eriri emabega w’ekikyaawa Bayudaaya. Nga setaani n’eggye lye bwe bali ku luuyi luno olulala olw’ennyanja eyaka n’omuliro, amaanyi agatatya Katonda ag’ensi eno gajja kwekunganya gagezeeko olusembaayo okusiimuuliraawo ddala abantu wamu n’obujulizi bwa Katonda wa Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo.

Okulondebwa Mukama...
Isiraeri eyimirira

- **Balamulwa mateeka...**

- **Bakyayibwa ensi...**

- **Batiibwa obwakababaka obw’ekizikiza...**

Buli Muyudaaya tali wansi w'obuzito obw'omwoyo ogw'ekitirimbula Bayudaaya?



Tuteebereza ki Taata kyaligamba abo abalaga nga bewaayo eri omusaalaba naye ne bakweeka amaaso gaabwe eri emunyeenye?




Ekitundu 4

Okulaba okusukka ekibikka oba akatimba


Ffenna tumanyi ku mazima nti wakati mu mubiri gwa Messaya oba ekkanisa, waliwo abo abalina endowooza nti Katonda yagaana Isiraeri olw'obujeemu bwaabwe. N'endowooza, nti abakkiriza bannamawanga bezzizza ekifo kya Isiraeri ng'abantu abaalondebwa kibunye mu nzikiriza nnyingi ne mu mawanga. Bwe yamanya nti enjigiriza eno enegolokoka, Omwoyo Omutukuvu nalungamya Pawulo omutume okugonjoola ensonga eno mu suula 11, ey'ebbaluwa ye eri abakkiriza mu Rooma.

'Kale mbuuza, Katonda yeegaana abantu be? Nedda! n'akatono. "Katonda yabawa omwoyo ogw'okubongoota, amaaso ag'obutalaba, n'amatu ag'obutawulira, okutuusa ku lunaku lwa leero."'Kambuuze, Baamala kwesittala ne balyoka bagwa? Nedda, nakatono. Naye olw'okwonoona kwabwe obulokozi kyebwava

bujja eri ab'amawanga, aba Isiraeri bakwatibwe obuggya. "te-weenyumiririzanga ku matabi ago. Bw'oba weenyumiriza, jjukira nti si ggwe owanirira ekikolo, naye ekikolo kye kiwanirira ggwe. "Kubanga ssaagala mmwe, ab'oluganda, obutamanya kyama kino, mulemenga okubeera ab'amagezi mu maaso gammwe mwekka, ng'obukakanyavu bwabeera ku Baisiraeri, okutuusa ab'amawanga lwe balituuka ku kutuukirira kwonna; (Abaruumi 11:1,8, 11,18,25)



Kisoboka kitya nti abangi abaagala Mukama basobola okusubwa ekiwandiikiddwa wano ekitegerekeka obulungi?



Bwe kiba ng'ekyo tekimala, Pawulo yeyongera okutugamba, *'Kubanga Katonda yasiba abantu bonna mu bujeemu, alyoke asaasire bonna.'*(Bar11:32)

Endowooza eno eyawukana ku ekyo kye twandisuubidde, nga kwewuunyisa engeri Katonda gy'akolamu okufuula n amazima g'ekintu ne gatategeerwa.

Ekyawandiikibwa waggulu ekijjiddwa mu Baruumi 11:8, okuva mu Isaaya 6:10-13. Lwaaki Katonda mu bwakatonda bwe yasalawo okubaggalira?

Nga tutunuulidde bye tulabye mu bitundu 2 ebiyise, okusobola okuteekerateekera Messaya ekkubo, Isiraeri yafuulibwa evunanyizibwa ku tteeka omuntu lyatasobola kukuuma, ekyakivaamu kyalabika ng'okusalibwaako okuva ku Katonda.

Tusanga enkola y'emu ku Yesu gye yalagira ku musaalaba mu ekyo ekyawandiikibwa. Zabbuli 22 etandika na Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza? Lwaki okunneesamba n'otonnyamba, n'otowulira kukaaba kwange? ne kyeyongera okunnyonnyola kye yayitamu eky'okukomererwa. Olunyiriri 24 lulangirira, Kubanga teyanyooma, oba obutamufaako oyo ali mu buyinike, Wadde okumukuba amabega.Kino kiggyirayo ddala ki Isiraeri bwe yawulira ne bwe yalabikamu ebweru.

Ensonga wano yeriwa? Katonda yakitegeka lwa nsonga. Wakati mu kugaanibwa kwa Isiraeri (Bar 11:15,25), ng'obuwanika bw'enjiri bwaali bwakuteekebwa mu mikono gya bannamawanga, baali baakukirowooza (nga Pawulo bwe yakisuubira), nti baali bafuuse abalonde abapya olw'okulemwa kwa Isiraeri. Mu mazima, Isiraeri yalina obuwanika bwaabwe emyaka 2000, bannamawanga nabo baali beetaagayo omukisa gwa myaka 2000 okuzuula nti ne bwe kyandibadde nti balina okubikkulirwa okw'endagaano empya era nabo baali tebasobola kuteekateeka kifo ekisaanira Mukama okutulaamu. Abayudaaya ne bannamawanga bwe twemanya nti ffena tufanagana, bwe kinaatusobozesa okujja awamu ng'omubiri era ng'omugole wa Messaya.

Obutategeera buno bukosezza butya ekkanisa?

Okugatta ku buzibe bw'amaaso obutambula waggulu, waliwo ebijiinji ebirala ebiyimiridde mu kkubo ly'omubiri (ekkanisa), okutuuka mu bukulu. Kye tuyita ekikadde oba ekya Musa, endagaano eyatongozebwa ku lusozi Sinaayi wakati wa Katonda ne ggwanga eryaali lyakazaalibwa. Nga bwe tumanyi, 'endagaano' eno yamaliriza emenyeddwa nga Katonda atongozezza Endagaano Empya okuyita mu Yesu nga bwe kyalagulwa mu Yeremiya 31:31

Kikulu okutegeera nti endagaano tezifanagana na bitundu bibiri ebya Baibuli

Endagaano Enkadde yali nzikiriziganya ng'erimu ebisuubizo wamu byaali byetagisa okunyweeza enkolagana wakati wa Isiraeri ne Katonda. Amawanga amalala go tegaabiriimu. Ekitundu ekisooka ekya Baibuli kye tuyita Endagaano Enkadde..... kiggyayo amazima era nekibuulira olugero olw'ani eyayogera era yakola ki, ddi, era neeri ani.

Obutategeera njawulo eno enyangu n'okukozesa ebigambo 'Mukago' n'endagaano enkadde nga babikyusakyuusa kivunanyizibwa ku kufirwa okunene okusinga okusukka kwekyo kye tusobola okufumiitirizaako. Okukola ekyo kiretera omuntu okulowooza nti ebyafaayo ebya Baibuli ebyawandiikibwa nga Yesu tanajja tebirina makulu.



Luberyeberye atandika na kutondebwa okw'eggulu n'ensi. Okubikkulirwa kukomekkereza na kitonde ekiggya. Luberyeberye y'essuula esooka. Enjiri ya Matayo essuula esooka ey'Endagaano Empya oba esuula 40 eya Baibuli? Kitabo kimu. Lugero lumu.

Tuleme nate okutandika okusomera ekitabo mu makkati netusuubira okutegeera ensonga n'entambula okusinga okutegeera obubaka obwa Baibuli bwetutandikira okugisoma ku suula 40. Ebintu Katonda bye yebikkulako mu kitundu ekisooka eky'ekitabo tebyetagisa kubiddingana mu kitundu eky'okubiri kubanga ye takyuka.



Tukitutte nti ekitundu eky'okubiri ekya Baibuli kye kisingako okubeera eky'amakulu okusinga ekisooka?



Okulaba okusukka ekibikka oba akatimba

Ng'endagaano enkadde bwekwatagana n'amateeka n'omusango, Endagaano Empya etera okulowoozebwako ng'esikuula ekisa n'okusonyiyibwa. Okusinga amabala amapya okugattibwa ku kifaananyi ekibadengawo, olupapula lukyusiddwa ekifaananyi ekipya nekikubibwa, nga kitandika na suula eya 40. Ng'ekitundu ekisinga obunene ekisooka kibulawo, kye tulaba tekiggyira yo ddala ekifaananyi ky'ebintu nga bwe kirina okubeera.

Nga tutunuulira engeri ekkanisa gy'ekuzeemu okumala emyaka ataano egiyise, ekintu ekikulu kyetusanze nga kibulamu **y'entiisa ya Katonda.** Ebbulwa lino wakati mu bakkiriza kisoboka okutunuulirwa emabega ku butassaayo mwoyo eri ekyo ekyabikkulwa mu kitundu ekisooka ekya Baibuli, ekyaleeta ebbulwa ly'obutategeera n'enkolagana ne Isiraeri. Awatali ntiisa ya Katonda, tetuba na magezi n'okutegeera. Si nsonga bwe kirabika ebweru, 'ennyumba' terina musingi.

"Naye oba ng'amatabi agamu gaawogolebwako, naawe, eyali omuzeyituuni ogw'omu nsiko, n'osimbibwa mu kifo kyago, ogabane ku bugagga obw'omuzeyituuni...(Bar 11:17).

N'omutwe ogw'olunyiriri nga gukwata ku matabi ag'omu nsiko nga bwe gaasimbibwamu, kyangu obutassaayo mwoyo ku bigambo bitaano ebirina amakulu amangi: wakati mu bbo' ate wamu nabo'.
Bannamawanga bangi abamanyi ku Isiraeri bategeera bulungi ennono eno ey'okusimbibwa mu muzabbibu ogwa ddala. Kitegerekeka mu Baruumi 11:17, nti ensonga ey'okusimbibwamu kwe kugabana ku mulandira. Waliwo ekipima oba engeri gye tusobola okute-

geeramu nti twasimbibwamu? Ng'olunyiriri waggulu bwe lugamba, bagattibwa mu bbo. Tetulina kusubwa kutegeera mu bulamba ate ekiddako. Wamu nabo amawanga nago gagabana ku mulandira. Bannamawanga bali wakati mu Bayudaaya, nga bagabanira wamu nabo. Okuba mu bbo kifanaana kitya? Mu kukuuma enneeyisa enkulu ey'omuntu omu omuggya, kikola amakulu nti obujjuvu obwekyo ekyaweebwa Isiraeri tekisoboka kufunibwa wabweru w'enkolagana n'amatabi ag'obuzaale.

Tulina Omwoyo Omutukuvu atudde munda muffe, obulamba obw'obwakatonda bwabaawo nga tetunabaawo mu Yesu, era lunyiriri ku lunyiriri olukwaata ku kubeera omubiri n'okutambulira mu bumu; naye ekibiina ky'abakkiriza mu nsi yonna basigala nga beyaawuddemu ddala nnyo. Kyandiba nga tulina kye tubulako.

Ekitundu ekisooka ekya Baibuli kyetoloolera nnyo ku Isiraeri, ate ekitundu eky'okubiri, newankubadde nga kitandika na Bayudaaya, kikomekkereza kigaseemu amawanga amalala gonna agasingawo obungi ddala. Mu kitundu ekisooka, ng'oggyeko bannabbi n'abantu ab'enjawulo, Katonda teyakolagana nnyo na bantu bassekinoomu. Bakabona baagendanga eri Katonda ku lw'abantu. Omuntu bwatabeera mukomole oba ng'amenye sabbiiti nga eky'okulabirako; oyo yatemebwangako okuva mu bantu be' (Olub 17:10-14, Okuv 31:14). Enkola y'Endagaano Enkadde yali ekwata ku kubeera ekitundutundu ku ggwanga Katonda lye yali akolagana nalyo. Okulabika okutonotono okw'endowooza eno kuli nti singa obuuzizza bannamawanga abatakkiriza oba bakkiririza mu Yesu, bonna (oba nga ssekinoomu), bajja kukuddamu, 'Sikkiriza'. Oli bwabuuza

Omuyudaaya atakkiriza oba nti bakkiriza, bajja kukuddamu,'tetukkiriza'. Okuyita mu Ndagaano Enkadde yonna, abantu okubeera awamu nsonga nkulu ey'obulamu bw'omuntu obw'omwoyo.
Ekinyusi eky'Endagaano Empya neekyo kye tutwaala ng'Obukristaayo kiri nti okuyita mu musaayi gwa Yesu ogwayiibwa, buli omu asobola okuba n'enkolagana nga ye ne Katonda(nga bwe kyalagulwa mu Yeremiya 31:31, Ezeekyeri 36:26-27). Ng'Endagaano Enkadde essira erissa kubangi, Endagaano Empya essira erissa ku muntu nga ssekinoomu.

Bwe tukkiriza nti ekitundu ekisooka eky'ekitabo kyali kya Bayudaaya nti ekitundu eky'okubiri kya mawanga, bwe tukkiriza ekyo nti tuyitiddwa okuleka 'ekikadde' tweyongereyo mu kipya', Bwe tuba nga tufudde obulokozi bwaffe nga ssekinoomu okubeera essira lyaffe, ob'olyawo kino kisobola okuggyayo obuzibu bwe twesangaamu. Okubeera ab'amazima, wadde twogera ku kwagala n'obumu bw'ennono zaffe mwe tukolera tuli nti tufaanana ng'ebika ebirwaanagana okusinga aboluganda abatambulira awamu.

Okubulwa okw'okutegeera kwaffe kwenkana ki n'enkolagana ne Isiraeri okubeera ensonga ku mbeera y'ekkanisa okufaanana bweti?

Israeri Ebikkulwa

Mu bumpimpi, enzikiriza nti Katonda yagaana Isiraeri olw'obujeemu bwabwe kikomyeko mu ngeri embi ku neyisa ey'omubiri gwa Messaya.

Emitendera gy'amawanga okuyingizibwamu kirimu go okuzuula nti ffena tufaanagana.

Amalala ge gamu agazibye amaaso gaffe ffena.

Abayudaaya baali bateresi ab'okubbikkulirwa okumala emyaka 2000 era kyabalema okubeera abesigwa.

Akati okuweebwa bannamawanga kyali kyetagisa amawanga gakakwatemu okumala emyaka 2000 okuzuula nti nabo baalemererwa okubeera abesigwa.

Mu mwoyo wa Baruumi 11:32, Abayudaaya ne bannamawanga nga batambula basibidde wamu omukira kye kijja okutusobozesa okubeera abamenyefu n'abetowaaze ebitweetagisa okuteekateeka ekifo ekyetaagisa okuteekerawo Mukama ekifo w'asobola Okutuula.

Ekitundu 5

Eggwanga ery'obunnabbi

Abaruumi 1:16, etugamba nti obulokozi busookera ku Muyudaaya.

Abaruumi 2:9-10, yeyongera okugamba nti okubonaabona, obulumi, ekitiibwa, okuyimusibwa n'emirembe era nabyo bisookera ku Muyudaaya neri Omuyonaani.

Isaaya 2:3, erangirira, *"Era amawanga mangi agalyambuka ne googera nti, Mujje, twambuke eri olusozi lwa Mukama, eri ennyumba ya Katonda wa Yakobo, era anaatuyigirizanga ku makubo ge, naffe tunaatambuliranga mu mpenda ze; kubanga mu Sayuuni mwe mulifuluma amateeka, n'ekigambo kya Mukama mu Yerusaalemi."*

Ekyo ekyasongebwako mu Isaaya 2:3, kyatuukirizibwa mu kuweebwa kwa Torah, okujja kwa Messaya n'okuwandiika kw'Endagaano Empya?



Mu kulowooza ku nsonga eno, kisobola okuyamba okutunuulira ebya kabaawo eby'ebiseera bino:
Mu makkati wemyaka gyo 1800, okukkiriza n'okusuubira nti Katonda alikyala naddamu nakungaanya abaana ba Isiraeri abaasasaana kyatandika okukula mu kkanisa. Mu kiseera nga kye kimu, okuzzibwa obuggya okunene kwabuna mu mawanga ag'ebunaayira ag'ebugwanjuba. Kino kyagwaawo bugwi oba bino ebibiri bikwatagana?

Mu ntandikwa ya 1900, Abayudaaya bangi baatandika okusenguka okuddayo mu Isiraeri. Mu 1904, waaliwo okuzzibwa obuggya mu Wales.

Mu 1906-1908, mwe mwaali okuzzibwa obuggya mu Azuza street ekyatandika ekkanisa y'eki Pentekoote.

Mu 1948, Isiraeri lyafuuka eggwanga era ekkanisa nerega ku kuyiibwako ate n'okuzuukusibwa mu bintu nga eby'okuwonya n'ebyamagero ekimanyiddwa nga Latter Rain Movement.

Mu 1967, Yerusaalemi yazzibwa nate mu mikono gy'Abayudaaya oluvannyuma lw'emyaka 2000. Mukiseera kye kimu, omugendo ogw'Abakarismatic gwazaalibwa era abavubuka bangi ne bayingira mu bwakabaka bwa Katonda.

Mu 1979-80, omulundi ogusookera ddala mu nnaku zino, Omwoyo Omutukuvu yakoma ku bavubuka enzaalwa za Isiraeri, ekyazaala Isiraeri eyawaka okulabika nga kitundutundu ku mubiri gwa Messaya. Mu kiseera ekyo "Omugendo ogw'Okusinza" gwatandika mu kkanisa ey'amawanga ag'ebunaayira ebugwanjuba.

Mu buli kimu ku bino, ekintu ekitali kya bulijjo bwe kyabangawo nga kikwata ku Bayudaaya, ekitali kya bulijjo kyabaawo mu kkanisa.

Buli ekibaawo mu Isiraeri kikoma ku nsi yonna?

Waliwo ennono nti Katonda asookera mu Isiraeri okukola ebintu?

Bannamawanga abakomole mu mitima basimbibwa mu muzabbibu ogwa ddala ne bafuuka ekitundutundu ku Isiraeri wa Katonda. Abamu bakoze ensobi olw'obuzibe bwa Isiraeri obw'akaseera obuseera (Abaruumi 11:25 ne Isaaya 6:8-13), okulowooza nti abakkiriza okuva mu mawanga be bazze mu kifo kya Isiraeri mu kuyitibwa kwe okusinga okujja bakolere wamu naye.

Ensonga enkulu mu kitundu kino kwe kutegeera obulungi okuyitibwa kwa Isiraeri n'amafuta ag'obunnabbi tuleme okusubwa amazima ga Katonda mu nsonga eno.

Emyaka 2000 egiyise, abatali Bayudaaya abaali bannamawanga edda (Abaefeso 2:11-13), baafuuka abagabanira awamu ku bugagga bwa Isiraeri n'endagaano ez'ebisuubizo okuyita mu musaayi gwa Messaya. Oluvannyuma lwa kaseera katono akaddako, ekyaddirira Isiraeri okwegaana Yesu nga Messaya, eggwanga ne liyingira embeera ey'obuwanganguse mu mwoyo ne mu buliwo, ne balekera embala y'abakkiriza okufuuka nga ya bannamawanga. Era okumala emyaka 2000, okubeerawo kwa Isiraeri wamu n'abakkiririza mu Messaya babadde baabulirawo ddala mu bulamu bw'omubiri (oba obw'ekkanisa)

Emize n'obulombolombo bunnyikidde bulungi mu bbanga lya ebyaasa 2. Okukyusa ekkubo ly'ekyombo ekitambulira ku ssemayanja kitwaala akaseera. Tekikola bulungi nakukyusa bukyusa mangu oba okuyimirira mumbagirawo. Omusinde gwakyo gugenda mpolampola. Obutafaayo eri amazima gano kijja kuvaamu obulabe eri ekyombo ekyo. Era kye kirabika mu ngeri ey'enkyukakyuka ey'omuggundu egenda mu maaso mu mubiri gwa Messaya. Okusinga okukirowozaako nga okuzzaawo ekyo ekyabula, kiwulikika ng'okweyubula... ekintu ekizaalibwa nga kyawufu ku ekyo kye twaali tumanyidde.

Bintu ki bye tuwulira okubeera nga bigenda bikyuka oba nga bisenguka mu kkanisa akaseera kano?

Ekitonde ekiggya mu musaayi gwa Messaya kyaleeta Abayudaaya ne bannamawanga wamu ng'omuntu omu omupya (Bef 2:11-15). Newankubadde nga kino kyawandiikibwa ne kisimbula emyaka 2000 egiyise, mu nnaku zaffe mwokka mwe tukirabira ddala nga kituukiridde. Amazima nti tuli bitundu eby'enjawulo eby'omubiri mu buliwo kutuleetera okwewuunya nti buli kitundu kye kiriwa. Newankubadde tetusanga kintu kyonna kyawandiikibwa mu nyiriri ekisonga ku kitundu kya bannamawanga, Mukama ayogera ekikwata ku Isiraeri:

Kubanga bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti, Oluvannyuma lw'ekitiibwa antumye eri amawanga agaabanyaga; kubanga abakomako mmwe akoma ku mmunye y'eriiso lye. Kubanga, laba, ndibakunkumulirako omukono gwange ne baba mwandu gw'abaddu baabwe; nammwe munaamanya nga Mukama w'eggye ye yantuma (Zek 2:8-9)

Yabasanga babungetera mu ddungu, ekkalu kibuyaga mw'akuntira, N'abakuuma n'abalabirira, ng'omuntu bw'alabirira emmunye y'eriiso lye (Ekyamateeka Olw'okubiri 32:10)

Omulandira omuva ekigambo "mmunye" mu nyiriri zino kyogera ku kitundu kye liiso ekiraba. Emmuny e epima obungi

bw'ekitangaala ekiyingira mu mubiri okuyita mu maaso. Emmunye bwe bulawo, omubiri guba muzibe. Emmunye bweeba tekola bulungi, ng'ereeta ekitangaala kingi oba kitono, okulaba kwaffe kujja kubulwa okwawula oba okusengeka. Obutasobola kulaba mu bulamba, tetusobola kwawula bya muwendo mu bitali, emeeme ku mwoyo, eggumba ku busomyo (Beb 4:12).

Obuziba bwe nsonga eno tebusobola kugamba nti okyogeddeko nnyo. Awatali kulaba kulungi, awatali kwekengera ekijja n'okwawula emyoyo, tulisobola tutya okuteekateeka ekifo.... Okubeera ekifo..... ekisobola okwaniriza okubeerawo kwa Katonda Omutukuvu?



Kisobokera ddala nti okumala emyaka 2000, omubiri tegubadde na mmunye ekola??



Kisoboka nti okubulawo kwa Isiraeri mu mubiri (kkanisa), kireetedde ekkanisa okusigala nga terina mafuta ga bunnabbi ag'amazima?



Eggwanga ery'obunnabbi

Ensonga tekwaata kukubuusa amaaso oba okwewala eby'emabega, oba okusanga wa ow'okunenya.Tekikwata ku kussa ebbali ensawo ey'eddiba ekozeseddwa obulungi. Kikwata ku kutegeera ekika eky'ekijja ekipya. Okwenenya kukwata ku kusaba okusonyiyibwa wekyetagisibwa. N'okusingawo, kikwata ku kukyusa gyobadde okutte weyongereyo mu kkubo eppya. Mu mbeera ddala eno, emu ku ndaba ey'okwenenya okwetagisa kwe kuzuula ekirabo mu Isiraeri eky'enjawulo nga kyetagisa n'okwetaaga kw'ekkanisa eri kyo.

Mikwano gyaffe lumu gyabuuza omulimi w'ebibala atali mukkiriza ku ngeri eya bulijjo ey'okugatta amatabi agava mu nsiko ag'omuzeyituuni ku muti ogulimibwa oba ogusimbibwa. Kye yaddamu kyagatta obuzito n'okutegeera ku kukubaganya kwaffe okw'ebirowoozo.

Omuti ogusimbibwa bagusiimba nga bagenderedde, omuti ogw'omu nsiko guva mu kintu nga kyenkanankana n'akanyonyi akasuula omuzeyituuni mu nsiko emu, ne kizaala omuti oguli awo gwokka. Ekibala okusobola okubaawo, wateekeddwa okubeeraawo okufuna obuzaaza okuva awalala. Mu ngeri endala, emiti egiri gyokka tegizaala buzeyituuni. Girabika mu buli ngeri ng'emiti emizeyituuni emirala, waggulu okuyita mu kumulisa, naye tegirizaala buzeyituuni. Omulimi bwaaba ayagala okwongeza ku kubala kwe okw'emizeyituuni nga takyalina kifo kusimba miti mirala oba nga tayagala kulinda emyaka gyonna omuti okutuuka ku kukula, bino byakola; Omutendera gutandika na kusalako amatabi agabala obulungi ag'omuti ogwasimbibwa n'agaalirira wansi ku ntobo y'omuti *(kino nga kyewuunyisa eri omuti, kale libadde libala ebibala)*

Ekiddako, amatabi agaggyibwa ku muzeyituuni ogw'omu nsiko gasimbibwa mu kifo kyennyini amatabi agalimibwa wegaatemwa (wewuunye amatabi gano kye gaba galowooza *'Agamu gatemebwako gantereewo ekifo. Mazima, ndabika nze nsingako omuwendo, oba kale lwaki kino kyakolebwa?)*

Amatabi amapya olw'okubanga gava mu muti gwanjawulo, era gaba galina endaga butonde ya njawulo. Olwokuba nga amasanda gaago gaawukana ku ago ag'omuti ogwalimibwa ye nsonga lwaki tegakitwala nti gaagwo. Mu magezi agabulijjo, amatabi ag'omu nsiko teganditaddemu nnyo maanyi okunuuna amasanda mu muti ogwalimibwa. Mazima amatabi ag'omuti ogwalimibwa getaaga okusukuma amasanda gaago mu matabi gano ag'omu nsiko.

Lwaki kyaali kyetagisa amatabi agaddala okusalibwako? Lwaki tekyamala bumazi okusimawo ekituli ku lw'amatabi ag'omu nsiko? Tunuulira amazima nti singa amatabi ag'omu nsiko tegandigattiddwa mu kifo awabadde ettabi, tewandibaddewo luseke okuleeta amasanda mu ttabi ery'omu nsiko. Omuti gumanyi bumanya kufuuwa masanda mu nseke, oba ettabi ttuufu oba lya mu nsiko *(Okukigya ku miti okiteeke mu bantu, ebyawandiikibwa bigamba nti singa Abayudaaya tebaayita mu kukakanyazibwa, bannamawanga tebandiyingidde. Mu kutunuulira kino, Pawulo ategeeza bannamawanga obutatambulira mu butamanya oba okwewaana).*

Emyaka esatu oluvannyuma lw'amatabi ag'omu nsiko nga gagatiddwako, embeera y'omuti yeyongera awatali nkyuukakyuuka yonna nga nebibala tebimeze.

Omulimi awo asimamu obutuli ku mabbali waago amagatte nasonsekamu agasimbibwa (agaasalibwako galekerewo ag'omu nsiko ebbanga n'ekifo). Amatabi gano gabadde wansi okumala emyaka esatu. Obukalu bwaago buba bwenkana ki? Mazima teri asobola kulowooza nti gakyalina kye gagasa okuggyako okugakozesa ng'enku (nga amagumba amakalu mu Ezeekyeri 37).
Mu bigambo by'ono omusiimbi w'ebibala, okuva mu ndaba ey'ekirimi yokka, ekyewuunyisa kibaawo. Amatabi agakutulwaako gafuna 'obuggya' eri ag'omu nsiko, gatandika mu ngeri ya kyamagero okunuuna amasanda, ne gazuukira!

Okumala emyaka emirala esatu, omuti tegunabaako bibala, nga gombi amatabi geyongera okuliira awamu ku masanda ag'omuzeyituuni ogwalimibwa. Awo mu mwaka ogw'omusanvu, amatabi gonna gabalira wamu ebibala.

Nebwekirabika ng'ekitali kya bulijjo, amazima gali nti, singa amatabi agaddala tegazzibwaako,omuti gwonna gujja kufa!

Mu kifaananyi ekiramba, watya nga, nga bwekiri eri omuti omuzeyituuni, bwe kiri eri ekkanisa?

Kitegerekeka mu byawandiikibwa nti okuggyibwako kwa katimba (ekibikka) ku maaso g'Abayudaaya bwe bulamu okuva mu bafu eri ekkanisa (Bar 11:15)



Awatali matabi ag'obuzaalirwana okuzzibwako, omuti gujja kufa.



Ekitundu 6

Emirandira n'Endagaano

Wakati mu gye 1990, essomo ery'emirandira gy'Ekiyudaaya egy'Obukristaayo lyafuuka eryabulijjo okukubaganyizaako ebirowoozo. Kyagenda kifuuka omugendo ogutali gwa kusaaga. Wakati mu lugendo, okutegeera nti Bajjajja abasatu abaagutandika mu buzaale tebaali Bayudaaya naye Bebbulaniya, gwafuuka omugendo ogwa, "Hebrew Roots Movement" mu butuufu bwakyo.

Ebirungo ebikwataganira ddala n'omugendo guno bikkaatiriza embaga omusanvu eza buli mwaka ezaweebwa Isiraeri ne mu kukuuma sabbiiti. Nga kitegeereddwa bulungi, zino mu mazima si mbaga za Bayudaaya naye mbaga ez'ekijjukizo eza Katonda nga nkulu nnyo eri abakkiriza bonna. Za Katonda nga ye atenga za bunnabbi mu ngeri zaazo, buli emu nga yetisse obubaka obw'obwakatonda. Amazima gasangibwa mu byawandiikibwa ate nga zeetololera ku bulamu bwa Yesu.

Mu massekkati ga byonna, nga kisuubirwa, kya bulijjo okusanga abakkiriza bannamawanga nga basikiriziddwa okugoberera ennono ez'enjawulo mu buwangwa bw'eKiyudaaya. Abamu kino bakikoze mu ngeri y'okwongera okulaga nti bali kimu ne Isireari ey'obuzaale ate abalala bakitutte ku ddaala ery'okukoppa...nga bagala kufuukira ddala Bayudaaya..... Naye waliwo obuzibu mu lugendo luno. Abayudaaya bangi, okusingira ddala Abosodokisi, abanyiize olwa bannamawanga okwambala obukoofiira obubikka ku mutwe n'olugoye olwebikkibwa nga basaba eby'Ekiyudaaya. Ku luuyi olulala, abakkiriza bannamawanga abatambulira awamu n'Abayudaaya mu kugezesebwa kwabwe n'okuyigganyizibwa ng'abatali Bayudaaya kirimu obujulizi n'obubaka obutalina kufa.

Abaefeso 2:1, eyogera ku baali bannamawanga. Bwe tukitwaala nti okubeera Omuyudaaya nga nsonga ya ndaga butonde, nti omuntu tasobola kukyusa ndaga butonde ye, ekibuuzo kigolokoka. *Bwotofuuka* Muyudaaya ate nga *tokyali* munnaggwanga, kiki ekisigalidde? Mu kufuuka abaana ba Ibulayimu olw'okukkiriza, ekiddako kiri nti bannamawanga abakkiriza bafuuka Bebbulaniya okusinziira ku Mwoyo kubanga amakulu g'Omwebbulaniya kwe "kusomoka".

Okubeera n'okutegeera okutuufu n'okukwaatagana n'emirandira gyaffe kya nkizo ku lw'omusingi omunywevu ate nga mukakafu. Emirandira gy'omuntu bwe buzaale bwe.... bajjajja be gye baava. Era, okutegeera enkula entuufu, okuyitibwa, n'ekika ky'ekkanisa kitandika na kutegeera mirandira gyayo era kikomekkereza kituleese ku Isiraeri. Isiraeri ggwanga...bantu... famire erina obuzaale nga bwawandiikibwa. Tumanyi ddi, wa, bitya era n'okuyita mu ani

mwe bayita okubeerawo. Okunoonya kuno kutuzzaayo okusukka kukuweebwa Torah ku lusozi Sinaayi.

Omulandira gwa Isiraeri gwazaalibwa ne gunyweezebwa okuyita mu mirembe esatu, ng'Okuva tekunabaawo. Gwatandika na Ibulayimu. Ye yasookera ddala okuyitibwa Omwebbulaniya (Lub 14: 13). Ekyava mu kusalawo kwe okwesiga n'okugoberera Katonda mu ngeri etesangikasangika ate ngaya buvumu nnyo, yafuuka kye twandiyise omulandira ogusookerwako, taata w'okukkiriza kwaffe Olw'okuyitibwa kwa Katonda okwa waggulu, ekisuubizo ekyaweebwa Ibulayimu ne kyeyongerayo eri Isaaka mutabani we nga tannaba na kuzaalibwa. Muka Isaaka Lebbeeka bwe yali olubuto lwa balongoYakobo ne Esawu, Mukama namugamba nti omukulu Esawu anaaweereza omuto, Yakobo. Olulyo lw'ekisuubizo lwasalibwawo Mukama nga ne Yakobo tanazaalibwa.

Nga tumaze okutegeera obulungi omulandira, ka tweetegereze mu buziba enkula n'enkolagana yaagwo n'omuti.

"Era ebibala ebibereberye bwe biba ebitukuvu, era n'ekitole kiba kitukuvu; era ***ekikolo bwe kiba ekitukuvu****, era n'amatabi gaba matukuvu. Naye oba ng'amatabi agamu gaawogolebwako, naawe, eyali omuzeyituuni ogw'omu nsiko, n'osimbibwa mu kifo kyago, ogabane ku* ***bugagga*** *obw'omuzeyituuni; teweenyumiririzanga ku matabi ago. Bw'oba weenyumiriza, jjukira nti si ggwe owanirira* ***ekikolo****, naye* ***ekikolo*** *kye kiwanirira ggwe*" (Abaruumi 11:16-18)

"Oba nga ggwe wawogolwa ku muzeyituuni ogwali ogw'omu nsiko mu buzaaliranwa, n'osimbibwa mu muzeyituuni omulungi obutagoberera buzaaliranwa, abo, ab'obuzaaliranwa, tebalisinga nnyo kusimbibwa mu muzeyituuni gwabwe bo?" (Abaruumi 11:24)

Olubereberye, waaliwo emiti ebiri wakati mu nnimiro... omuti ogw'obulamu n'omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi. Nga tugenda okutuuka ku nkomerero y'omulembe guno, era twesanga nga tusanze emiti ebiri... ogw'omu nsiko ate n'ogulimibwa omuzeyituuni. Ogumu gukiikirira obwakabaka bw'ensi eno obuyita, omulala obwakabaka bwa Katonda obutagwaawo. Abaruumi 11:24, eraga omuti ogw'omu nsiko nga amawanga ate ogw'omu nnimiro ogulimibwa nga Isiraeri. Enyiriri 16-18, zikikoonako nti omulandira gwe gusalawo ekika ky'amatabi. Ennyiriri zino ziragira abo abasimbibwaamu mu ngeri gye bakolaganamu n'amatabi agaddala n'omulandira.

Amazima nti bajjajja baali basatu bokka kyalukibwa Katonda. Tebaalondebwa bulondebwa kwongerayo kintu kye batalinaako nkwatagana. Okumanyika kwabwe ng'Abebbulaniya nakyo kikulu. Amakulu agategeeza ekigambo 'Mwebbulaniya' kikwata ku kusomoka. Ekikwata ku Ibulayimu nga ye n'ebyamubaako mu bulamu bwe, yasomoka okuva mu kubeera ow'ensi eno okufuuka oyo *"yalindirira ekibuga kiri ekirina emisingi, nga Katonda ye muzimbi waakyo"*. (Abebbulaniya 11:10).

Okumanya Katonda okwetaagisa okutuleeta mu kukula kulimu eby'okuyiga ebiva mu bulamu bwa Bajjajja bano. Tetwetaaga kutunula wala okuzuula Omusaalaba mu buli omu. Ng'omwana gw'endiga eyakomererwa ng'emisingi gy'ensi teginabaawo, era n'obujulizi ate n'okuyitibwa eri obulamu obukomereddwa bwabangawo. Abasatu bano abawandiikibwako bbaluwa nnamu ezasiimba omusingi eggwanga okusobola okuzaalibwa.

Ka twetegereze obulamu bw'emirandira esatu egy'omuti ogwasimbibwa ogw'omuzeyituuni. Bikwata ku buli kanyomero ak'obulamu; omubiri, emeeme n'omwoyo.

Ibulayimu yaleka byonna bye yalina okugoberera Katonda gwe yali tamanyangako. Yaleka ensi ye, abantu be n'enyumba ya kitaawe: ensibuko y'obugabirizi bwe (ettaka lye), baawuliriramu emirembe (abantu be); ne baafaanana (ennyumba ya Kitaawe). Ibulayimu yeesiga Katonda ku lwa buli nsonga ey'obugabirizi bwe.

Nga akkirizza okusibibwa okuteekebwa ku kyoto, eky'okulabirako kya Isaaka eky'okugondera kitaawe kiraga obulamu bwa Yesu. Okwesigama kwe ku Katonda kweyongera okulabikira mu kukkiriza ani Katonda gwe yali agenda okumulondera nga mukyala we (Oluberyeberye 24), era n'obutalemerako eri obwanannyini obw'enzizi za Kitaawe(Lub 26).

Yakobo ow'omubiri yazuula nti embala ye eyali yagetebwa yali egenda kumuleetera okuttibwa muganda we Esawu. Okwesomooza, yameggana ne Mukama natamuta kumuvaako okutuusa nga

aweereddwa omukisa ate ng'akyuse. Yakyuuka n'afuuka Isiraeri, omulangira ne Katonda eyafuuka taata w'ebika ekkumi nabibiri.

Buli omu ku basatu yatambulira mu mwoyo w'omusaalaba, ng'atta amakubo wamu n'okwegomba kw'omubiri. Ibulayimu yamanya amazima nti Katonda ajja kugabirira. Isaaka yamanya Katonda ng'ensulo y'obulamu, omutandisi era amaliriza byonna. Yakobo yazuula ekizikiza munda mu ye ne yetoowaza nakaabirira Katonda amukyuuse. Okuyita mu mirandira gya bajjajja bano mwe muva obuggevu bw'omuti omuzeyituuni.

Kisoboka okubikkulirwa okwekyo Katonda kye yesigisa bajjajja bano mu mazima okubeera nga kiri wabweru w'enkolagana ne Isiraeri? (Laba Abaruumi 11:16,17)

Eggwanga lya Isiraeri lyatandikibwa okuyita mu bulamu bwa bajjajja bano abasatu. Enkolagana yaalyo ne Katonda yazimbibwa okuyita mu byali mu ndagaano essatu. Amazima nti Katonda yakola endagaano ssatu ne Isiraeri kikulu nga bwe waliwo bajjajja bano abasatu.
Kitegerekeka okumalirirza nti byonna ebyetagibwa okwogera, okutegeerwa n'okunyweezebwa byatuukirizibwa ku musingi ogw'abasatu.

Ekintu ekikulu emabega w'okusoma kuno kiri nti obulamu bwa Isiraeri obulabikako bwatuweebwa Katonda okulaga mu birabika amazima ag'ebyomwoyo eby'olubeerera wamu nennono. Nga twe-

gendereza obutabifuula bya mwoyo nnyo, era twagala okwegendereza obutasubwa kintu kyonna Katonda kyayagala tutegeere era tumanye.



Kino kija mu ntegeera yaffe?



Nga bwe kiwandiikiddwa mu kitundu ekiyise, ekitundu kino eky'ebyafaayo kiggulawo mu Luberyeberye 12, ne Katonda ng'agamba Ibulayimu nti byonna bwanaabireka byamanyi emabega nagenda atambuleko naye, agenda kuweebwa omukisa era afuuke mukisa, abeere kitaawe w'eggwanga eddene. Weetegereze nti, Katonda teyerangirira oba okweraga ki kyaali mu ngeri yonna.

Mu Luberyeberye 15:1, Katonda akomawo nate nagamba, 'Oluvannyuma lw'ebyo ekigambo kya Mukama ne kijjira Ibulaamu mu kwolesebwa, nga kyogera nti, *"Totya, Ibulaamu; nze ngabo yo, era empeera ennene ennyo."* (mu ngeri endala ekivvuunulwa, empeera yo egenda kuba nnene).

Okuwanyisa kuno kwa muntu nga ye. Okwongera ku bisuubizo ebyayogerwa edda eri Ibulaamu, agabana ekitundu kye mu nkolagana. Okunyweza obutuufu bw'okulangirira kwe ate n'okukyekuuma, olunyiriri 18, luwandiika Katonda ng'aluka ebisuubizo bye mu nkolagana ya ndagaano. Ekinyonnyola Endagaano kwe kuk-

kiriziganya okuvaamu okulumwa bwekuba kumenyeddwa. Ekika ky'ebivaamu eragibwa enjuyi zombi okuyita wakati mu bitundu eby'ebisolo ebisaliddwaamu emirundi ebiri. Mu ngeri eno, Katonda yekka yakikola ng'akabonero akalabika bwe yayita wakati mu bitundutundu, okukakasa okunyweeza kwe okw'ebisuubizo okutakyuka. Okuwanyisa okulala mu, Luberyeberye 17:1, kyali kya sekinoomu nnyo. Mu nsisinkano eyasooka Katonda ye yayogera eri Ibulaamu. Ogw'okubiri yajjira mu kwolesebwa. Wano yalabikira Ibulayimu nga yeyanjula nga, *"Nze Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, tambuliranga mu maaso gange obeerenga mutuukirivu. Era ndikola naawe endagaano,era ndikuwa ezzadde lingi"* Mu lunyiriri olwo 7, Katonda alangirira endagaano eno okubeera ey'olubeerera. N'ayogera nti akabonero k'endagaano eyo kajja kubeera ka kukomola buli mulenzi yenna ku lunakuolw'omunaana. Buli eyalemwanga okukikola kino yabanga amenye endagaano.

Tukimanyi okuva mu Baggalatiya 6:15, nti mu Messaya okukomola kwe kikuta ky'omubiri tekirina makulu, naye kikwata ku kufuuka ekitonde ekiggya. Okunyweeza nti ekirabika kifaananyi kye ky'omwoyo. Ekyamateeka Olw'okubiri 10:16, kitukowoola okukomola ekikuta ky'emitima gyaffe. Ekifaananyi tekikoma awo; Ekyamateeka Olw'okubiri 30:6, erangirira nti Katonda agenda kutukomola.

Tulina ekitundu ekyaffe eky'okukola, ne Katonda alina ekikye. Ekyaffe nga kirambikiddwa mu Ekyamateeka Olw'okubiri 10:16, bwe butaba na nsingo nkakanyavu; obuteyongera mu makubo gaffe;

Obutaba na malala, na ddalu. Mu Matayo 18:1-5, tusanga ennono eno ey'okubeera ng'omwana omuto-okwesiga n'okubeera abasomeseka... ekyalagibwa Yesu ng'ekyetaago ekituyingiza mu bwakabaka obw'eggulu.

Olunyiriri lweyongera okugamba (Mu Ekyamateeka Olw'okubiri 30) nti bwe twesanga nga tuli wabweru w'ekifo eky'omukisa, bwe tumukyukira n'emitima gyaffe n'emeeme zaffe, ajja kukola ekitundu ekikye... atukomole emitima gyaffe okumwagala.

Okuviira ddala ku ntandikwa, Katonda bwe yagamba Ibulayimu okutambula mu maaso ge mu Luberyeberye 16, yabikkula okuyaayaana kwe: enkolagana ng'erabikira mu bwerufu, okweggula ate n'obwesimbu obw'omutima. Ekyo kye kinyusi eky'endagaano eyasooka mu zino esatu Katonda ze yakola ne Isiraeri.

Endagaano eyasooka, emannyiddwa nga endagaano ya Ibulayimu yakolebwa ne Ibulayimu N'ekakasibwa eri Isaaka ne Yakobo. Ey'okubiri yali na ggwanga lya Isiraeri ku Lusozi Sinaayi.

"N'ababuulira endagaano ye, gye yabalagira okukola, ge mateeka ekkumi; n'agawandiika ku bipande eby'amayinja bibiri". (Ekyamateeka Olw'okubiri 4:13)

"Mukama Katonda waffe yalagaana endagaano naffe ku lusozi Kolebu. Mukama teyalagaana ndagaano eyo na bajjajjaffe bokka, naye era naffe ffenna abalamu abali wano leero" (Ekyamateeka Olw'okubiri 5:2-3).

Amateeka 10 gaaweebwa okukimanyisa nti, omuntu tasobola kutuukirira mu maanyi ge. Twaali tetusobola kubeera mu maaso ga Katonda n'emitima emyerufu tusobole okuyingira mu nkolagana gye yateekerawo Ibulayimu.

Okusinziira ku ndagaano ya Ibulayimu, Katonda okusobola okutuukiriza oludda lwe.... Okubeera Katonda waabwe era engabo yaabwe, okubaleeta mu nsi gye yalayirira bajjajjabwe, okubafuula omukisa eri amawanga gonna, kyokka kye baalina okukola kwe kukomola abalenzi bonna abaali ekitundutundu ku nnyumba zaabwe. Ekisinga obunene, okutegeeza okwaali emabega waakyo kyonna, kyaali nti waali wagenda kubeerawo omukwaano ogw'amazima n'okwagala wakati wa Katonda n'abantu be. Ekkubo eritutuusa ku nkomerero eyo litudde wakati wa Ekyamateeka Olw'okubiri 10:16 ne 30:6.

Nga bwe twakwasaganya ekitundu 2 ne 3, embala yaffe ey'ekibi n'obutasobola bwaffe okuteekawo olutindo olutwawula ne Katonda kyaali kirabikira n'okutegerwa wokka nga tutunuulidde okubbikkulirwa kw'embala etakyuka n'amakubo ga Mukama agatekebwawo mu Ndagaano ey'oku Sinaayi. Tusobola okutegeerera ddala ekiruubirirwa ekikulu eky'Endagaano ey'oku Sinaayi nga tulabira mu Ndagaano empya yokka.

Emirandira wamu n'endagaano

Okujja kw'endagaano empya kulangirirwa mu Yeremiya 31:31-34; *"Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama, lwe ndiragaana endagaano empya n'ennyumba ya Isiraeri n'ennyumba ya Yuda, si ng'endagaano bwe yali gye nnalagaana ne bajjajjaabwe ku lunaku lwe nnabakwata ku mukono okubaggya mu nsi y'e Misiri; endagaano yange eyo ne bagimenya newakubadde nga nnali mbawasizza, bw'ayogera Mukama. Naye eno ye ndagaano gye ndiragaana n'ennyumba ya Isiraeri oluvannyuma lw'ennaku ezo, bw'ayogera Mukama; nditeeka amateeka gange mu bitundu byabwe eby'omunda, era ndigawandiika mu mitima gyabwe; nange n'abanga Katonda waabwe, nabo banaabanga bantu bange, nga olwo omuntu takyayigiriza munne, na buli muntu muganda we nga boogera nti, 'Manya Mukama,' kubanga bonna balimmanya, okuva ku muto ku bo okutuuka ku mukulu ku bo, bw'ayogera Mukama, kubanga ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe, n'ekibi kyabwe sirikijjukira nate."*

Kino kitutwaala mu kutuukirizibwa kwekyo ekyatandika ne Ibulayimu mu Luberyeberye 17. Endagaano ya Ibulayimu yapimibwa Katonda mwene era teyetagisaamu kintu kyonna eky'omuntu okuggyako okukomola nga bwe kyamusalirwawo. Obuvunanyizibwa bw'okwongerayo endagaano bwali ku bazadde. Endagaano eno ey'olubeerera ekyakuumibwa n'okutuusa leero mu Bayudaaya bangi.

Endagaano ye Sinaayi, era emannyiddwa ng'Endagaano ya Musa, ku luuyi olulala yali tesoboka kukuumika. Yaweebwa kutukulembera okutulaga nti twetaaga omutima omuggya (nga bwe kikwataganyiziddwa mu kitundu 2).

Endagaano empya, eyasibibwa mu musaayi gwa Yesu, yanyweeza ekisuubizo kya Katonda okutukolera kye tutasobola kwekolera singa twaali tusobola okukkiriza amazima ago ne tudda gy'ali. Ekyali kyetagisa bwaali bwetoowaze na bwesimbu..Omutima ogukomoddwa.

Ku buli ndagaano, Katonda yabikkula erinnya eryali terimumanyibwangako. Eri Ibulayimu, yalabika nga Katonda omuyinza w'ebintu byonna... eyemalirira, alina amabeere amangi, ekifaananyi ekya maama ayonsa nagabirira ebyetaago byonna ebikwatikako omwana bye yetaaga. Lino okuba erinnya eryasooka lye yabikkula ku ntandikwa y'enkolagana ye ne Israeri kiteeka entegeera ya kino kyaali ng'omusingi. Kwaali kumanya kwa Katonda ng'ayinza byonna ekyaawa Ibulayimu okukkiriza okwamulesaawo byonna.

Mu kwekuuma enkula n'ekigendererwa eky'Endagaano ye Sinaayi, yabikkula erinnya lye nga ye Yakuwa... Mukama, oyo atakyuka. Ebigambo bye biywezeddwa mu ggulu emirembe gyonna. Okwanukulra okutuufu kwe kugonda okutaliiko bibuuzo. Kino kyalabika mu bulamu bwa Isaaka nga kiddingana. Naye, awatali kusooka kumumanya ng'omuyinza w'ebintu byonna, tewali noomu eyandyewaddeyo eri ebyo Yakuwa bye yasaba awatali kubuuza.

Okuyingira mu Ndagaano Empya kwaali kwetaagisa omuntu okukkiriza ekibi kye n'okukowoola okusaasira kwa Katonda. Yesu yajja, yabeeraawo, yafa ate nazuukira okwanukula omulanga gwaffe atuleete ku ludda olulala. Kye kitegeereza ddala erinnya lye... obulokozi. Yakobo eyakyama yameggana n'embala ye eyagetebwa mu maaso

g'okufa okwamuli mu maaso; yamaliriza azuukidde ng'omuntu omupya... Isiraeri... Yakobo yamanya Katonda nga Yesu.



Bye tuyiga mu bulamu bwa bajjajja bano, endagaano ssatu ezakolebwa ne Isiraeri, amannya agazigoberera aga Katonda byonna byegoberera. Kyefananyiriza ng'okuzimba ennyumba. Ekisooka gwe musingi awo ekizimbe ate n'okuyoyoota oba okujjuza. Ekiruubirirwa ekikulu okutuuka mu bujjuvu bw'obukulu wano ku nsi kwe kukola era tubeere ekifo Okubeerawo kwa Mukama mwe kutuula.



Tutunuulira tutya ekifo Isiraeri mweyimirira mu maaso ga Katonda? Ku lwe kitundu ekisinga obungi, olw'ensonga ez'enjawulo, tebakitegeeranga nti Yesu ye Messaya eyasuubizibwa.
Ebyawandiikibwa bitegerekeka bulungi nti tewali kkubo ddala okuggyako okuyita mu musaayi gw'omwana gw'endiga ogwayiibwa. Awatali kugattako oba okutoolako ekintu kyonna ku mazima ago, kisanyusa okutunuulira obulamu bwa bajjajja bano.
Emabega ennyo nga Yesu tanazaalibwa, tanafa era nga tannazuukira: Ibulayimu yatambulira mu kumanya Katonda ng'omuyinza w'ebintu byonna;

Isaaka yaweeraayo ddala obulamu bwe mu maaso ga Yakuwa; era

Yakobo eky'amazima yameggana ne Yesu nakyuusibwa okufuuka omuntu omupya nafuna n'erinnya eppya.

Kiwulikika akatono nga bwe tukirowooza okuzaalibwa ogw'okubiri.

Ekitundu 7

Nga bwe kyawandiikibwa

Luberyeberye 12:3

"Awo Mukama n'agamba Ibulaamu nti, "Va mu nsi ya nnyo ne mu kika kyo, ne mu nnyumba ya kitaawo, ogende mu nsi gye ndikulaga. Ndikufuula eggwanga eddene, era ndikuwa omukisa, era ndikuza erinnya lyo; era beeranga mukisa ggwe;nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggweo mukisa, n'oyo anaakukolimiranga naamukolimiranga nze; ne mu ggwe ebika byonna eby'omu nsi mwe biriweerwa omukisa."

Kati wano watandika na lugero lwa Isiraeri. Ng'entandikwa bwebeera. Kizibu okuteebereza nti mu nsisinkano yaabwe eyasookera ddala ne Katonda, Ibulayimu bamusaba okuleka byonna. Ekisuubizo Katonda kye yakola n'omwebbulaniya ono ob'olyaawo kisukka

ku nkola eyabulijjo. Ng'ebyafaayo bya Bayudaaya bwe byezingulula, ekyabaawo wakati w'enyiriri zino wamu n 'okuwaayo Isaaka mu ssuula eya 22, kisigala nga ly'ejjinja ekkulu ery'okunsonda mu nkolagana ya Katonda n'eggwanga.

Newankubadde ng'olugero luno lumanyiddwa, amakulu amajjuvu gasobola kutegeerwa mu kiwandiiko eky'oLwebbulaniya. Enzivuunula zisoma.... *"Naakolimira oyo anaakukolimira ggwe'*. Naye, enzivuunula ey'ekiwandiiko ky'olwebbulaniya esoma nti, *'Oyo akulengezza, nja kumukolimira bubi nnyo."*

Kino kitutwala okusukka ku kwogera obwogezi obubi, okwagaliza omulala obubi oba n'okumukolimira. Tutegeera amakulu g'ebigambo by'oLwebbulaniya nga mulimu; obutalemera mukisa oba ekitiibwa kyonna oba okumanyika kwonna okukugwanira okukuweebwa. Nga kiteekeddwa mungeri enyangu, obutawa kitiibwa baana ba Isiraeri nga Katonda bwakola kijja kuvaamu ekikolimo ekikambwe.

Ob'olyaawo ekyo kizibu, nga bwe tuweereddwa enzikattiriza ey'ennaku zino ku kisa n'okwagala kwa Katonda, okuteebereza Katonda okukolimira omuntu yenna. Naye, bwe tuteebereza omuwendo ogw'abantu abaafiira mu mataba gukanga! Mu myaka 1650 egya Adamu okutuuka ku Mataba, abantu bwe baba nga baali babeerawo okumala emyaaka 500 nga yalina abaana 8 bokka, ebibalo biteebereza omuwendo gw'abantu okuba nga obuwumbi 2. Tubatwaale okuba nga baakolimirwa? Bangi bakinnyonnyola nga ono ye Katonda ow'Endagaano Nkadde. Kituufu, y'omu eyagamba, agenda kukola Endagaano Empya n'ennyumba ya Isiraeri. Okugatta kw'ekyo, si y'omu jjo, leero n'emirembe gyonna?

Newankubadde bangi abaatula nti bakristaayo mu nsi yonna nga bandiba tebamanyi kulangirira kuno, tekikyuusa mazima nti kye kigambo kya Katonda ekitakyuka era n'olwekyo mazima gaffe ag'omwoyo. Kirabika ng'ekitegerekeka okusuubira nti ekikolimo ekikambwe okuva eri Katonda kisobola okwetikka ebivaamu nga bya lubeerera.

Okukkiriza nti Yesu ye Messaya tekitukugira kusanga ebiva mu butatambulira mu makubo ga Mukama..... agatakyuuka nga ye bw'atakyuuka.

Byonna nga byanjuddwa mu bitundu bino ebikwaata ku kifo ky'abaana ba Isiraeri mu mutima gwa Katonda, embala esukkulumye eya Luberyeberye 12:3, terina kutwewuunyisa.

Mat 25:31- 46

"Naye Omwana w'omuntu bw'alijjira mu kitiibwa kye, ne bamalayika bonna nga bali naye, awo alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye. Amawanga gonna galikuŋŋaanyizibwa mu maaso ge; naye alibaawulamu ng'omusumba bw'ayawula endiga n'embuzi, endiga aliziteeka ku mukono gwe ogwa ddyo, naye embuzi ku mukono ogwa kkono. Awo Kabaka aligamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, 'Mujje, mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi; kubanga nnalina enjala ne mumpa eky'okulya, nnalina ennyonta ne munnywesa, nnali mugenyi ne munsuza; nnali bwereere ne munnyambaza, nnali mulwadde ne munnambula, nnali musibe

mu kkomera, ne mujja mundaba.' Awo abatuukirivu balimuddamu nga bagamba nti, 'Mukama waffe, twakulaba ddi ng'olina enjala ne tukuliisa? Oba ng'olina ennyonta ne tukunywesa? Era twakulaba ddi ng'oli mugenyi ne tukusuza? Oba ng'oli bwereere ne tukwambaza? Era twakulaba ddi ng'oli mulwadde, oba ng'oli mu kkomera, ne tujja tukulaba?' Ne Kabaka aliddamu alibagamba nti, 'Mazima mbagamba nti Nga bwe mwakola omu ku abo baganda bange abasinga obuto, mwakikola nze.' Awo alibagamba n'abo abali ku mukono gwe ogwa kkono nti, 'Muveewo we ndi, mmwe abaakolimirwa, mugende mu muliro ogutaggwaawo ogwateekerwateekerwa Setaani ne bamalayika be; kubanga nnalina enjala, temwampa kya kulya; nnalina ennyonta, temwannywesa, nnali mugenyi, temwansuza, nnali bwereere, temwannyambaza, mulwadde, ne mu kkomera, temwannambula.' Awo nabo baliddamu, nga bagamba nti, 'Mukama waffe, twakulaba ddi ng'olina enjala, oba ng'olina ennyonta, oba mugenyi, oba bwereere, oba mulwadde, oba mu kkomera, ne tutakuyamba?' Awo alibaddamu, ng'agamba nti, 'Mazima mbagamba nti Nga bwe mutaakikolera omu ku abo abasinga obuto, temwakikolera nze.' Olwo abo baligenda ne baweebwa ekibonerezo ekitaggwaawo; naye abatuukirivu baligenda mu bulamu obutaggwaawo."

Okuviira ddala mu nnaku ezasooka ez'okutambula kwaffe ne Mukama okumala ng'emyaka abiri mw' etaano, twategeera olugero luno okubeera ng'engeri gyetuyisaamu abantu abanaku mu nsi. Enzivuunula eyo bweba ntuufu, kipimo ki ekikkirizibwa? Twetaaga kulabirira bameka? Mirundi emeka? Ku ssente meka? Singa engeri gye tuyisaamu ab'awansi ku bano kye kisalawo amagenda gaffe ag'olubeerera, twanditegedde tutya nti tukoze ekimala? Twandikakasizza tutya nti tulilokoka?

Baani Yesu basongako nga ‘abawansi mu boluganda be’?

Agabanyaamu amawanga mu bibinja bibiri; Abalamu mu mwoyo n’abafu mu mwoyo... abo ababe n'abo abatali. Okwogera ku abo ababe abazaalibwa omulundi ogw’okubiri, asonga ku kibinja abalabika nga si kitundu ku kibinja kino ky’ayogera nakyo naye abayita baganda be. Singa baali baazaalibwa omulundi ogw’okubiri, bandibadde ndiga nga bayimirira ne baganda be ab’omwoyo. Singa nabo baganda b’ekibinja kyayogera nakyo, twandimusuubidde okubaawula nga “baganda bammwe” oba “baganda baffe”. Naye ye okubatwaala ng’abaganda be kitegeerekeka era kikulu.

Okuyita mu Ndagaano Empya, ekigambo ky’Oluyonaani ekitegeeza “ab’oluganda” kikozesebwa okunyonnyola ab’omwoyo oba ab’obuzaale. Okutunuulira bino byonna, tetulina kya kusalawo naye okukitwala nti bano, ‘abawansi mu baganda be’ beb’obuzaale bwe... Abayudaaya.

Newankubadde nga kino kikola amakulu agatuukiridde, obuzibu buli ku Yesu ky’agatta ku ngeri gye bayisibwamu: ‘Mazima mbagamba nti bwe mutakikolera ku b’awansi ku bano, temwakikolera nze.’ Era bano bajja kugenda mu kubonerezebwa okw’olubeerera, naye abatuukirivu mu bulamu obutaggwaawo.

Eno njogera ngumu. Onogiwulira?

Matayo 23:39

"...kubanga mbagamba nti Okusooka leero temulindabako n'akatono, okutuusa lwe mulyogera nti Aweebwe omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama."

Olunyiriri luno lugamba nti Mukama tagenda kukomawo okutuusa ng'abangi ku baana ba Isireari bakitegedde nti Yesu ye Messaya... Omwana wa Katonda?

Tukimanyi oba twakikkirizza dda?

Twanukudde tutya?

Gye bujja mu maaso tulyanukula tutya?

Abaruumi 11:15

Kuba oba ng'okuganibwa kwabwe kutegeeza kutabaganya ensi, okusembezebwa kwabwe kutegeeza ki, okuggyako obulamu okuva mu bafu?

Ani mu ffe eyali asabidde okudda obuggya? Ani yali ayaayaaniddeko okulaba ekitiibwa kya Mukama ngakijjuza ekisenge? Ani ayaayaana okulaba abantu nga bawona ku lw'okwatula kw'erinnya lye?
Ani yali ajjudde ekiruyi ekitukuvu ku lw'okwonoona Setaani kw'aleese ku bitonde bya Katonda?
Olukalala lw'ebibuuzo lusobola okweyongerayo. Naye ekisinga okutegeerekeka, kye kintu nti okusinziira ku lunyiriri luno, ebintu bino byonna n'ebirala bijja kubaawo olw'okugolokoka okw'omwoyo mu Isireaeri.

Kino kitukomako mu ngeri yonna? Kitya?



Abaruumi 11:11

'Kambuuze, Baamala kwesittala ne balyoka bagwa? Nedda, nakatono. Naye olw'okwonoona kwabwe obulokozi kyebwava bujja eri ab'amawanga, aba Isiraeri bakwatibwe obuggya.'

Nga tusinziira kw'ebyo byetulabye mu kitundu kino, kyewunyisa nti ekigendererwa ekikulu ekya Katonda oba kyasinga okufaako mu kufuula bannamawanga okubeera abateresi b'okubbikkulirwa okw'obulokozi kiri nti amaanyi gaabwe n'okufuba kwabwe kuteekwa ku lw'obulokozi bwa Isiraeri?

Kino tukyolesa tutya?




Abaruumi 12:1

'Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi. '

Wali okyetegerezza nti Abaruumi 12:1, y'eddirako ddala oluvannyuma lwa Abaruumi 11? Abaruumi 11, kye kitundu ekitegeerekeka ennyo ate nga kirambuluddwa nnyo mu Ndagaano empya ekyalirira okuyitibwa kwa Isiraeri wamu kifo kye ate n'enkwatagana na mawanga.

Abaruumi 12:1, lwe lunyiriri olusinga obukulu olukwaata ku kusinza mu Ndagaano empya Newankubadde ng'ekigambo 'kusinza' tekirabika, okwewaayo nga ssaddaaka ennamu kye kinnyonnyolera ddala okusinza kye ki. Kubanga kitandika na kigambo 'nolwekyo' kiyunga ku kiri ekiva mu Abaruumi 11, n'ekyo ekyaaliwo ng'esuula ye 11 tenatuuka. Okuyingirawo kwa 12:1, si kya maanyi nnyo oba nti kisaba bingi.Tuyitiddwa okuwaayo emibiri gyaffe nga ssaddaaka ennamu mu kufaanana n'ekigendererwa eky'okutuukiriza ekyo ekyasimbibwa mu suula 9-11. **Okuyunga Ekikolwa ekituufu eky'okusinza n'okuyitibwa kwa Isiraeri kya kikulu nnyo.**



Abaruumi 15:8

'Kubanga njogera nti Kristo yali muweereza w'abakomole olw'amazima ga Katonda, okunyweza eza ebyasuubizibwa eri bajjajja, '

- ✡ Yesu kye ky'okulabirako kyaffe?
- ✡ Ayolesa omutima gwa taata?
- ✡ Tumugoberera?
- ✡ Tuyitiddwa okukola bye yakola n'okusingawo?
- ✡ Tufuuse abaweereza eri Abayudaaya (okukomolebwa)?



Eky'okuddamu eri ebibuuzo byaffe ebisooka ebina kisoboka okuba nti yye bwe kiba ng'ekisembayo eba nedda?



Ekitundu 8

Okuteekateeka Ekkubo lya Mukama

Bwokirowoozaako, alipoota y'abakkessi kkumi yali yeewunyisa. Oluvannyuma lw'ebyamagero ebitali byabulijjo bye baalaba ate ne babikwaatako, kyabaawo kitya nti baalowooza Katonda tagenda kweyongerayo kubayisa mu buli mbeera gye yali abayitidde? Oluvannyuma lw'okuyingira ensi emyaka ana agaddako, tutuuka okulaba embeera entuufu ey'emitima gyaabwe. Nga bamanyi nti Katonda yali abalagidde okugobera ddala abatuula mu nsi, aba Isiraeri baalowooza nti kyali kikola okufuula Abakanani abaasi b'enku oba abettissi b'amazzi. Singa babatta, ebyo bandibadde babyekolera.

Tebalowooza ku byetaago bya Mukama oba byayaayaanira. Balowooza nti Katonda yabaggya mu busibe bw'e Misiri kubawa mukisa. Baali tebakimanyi nti essaawa y'okusumululwa kwabwe yali yasalibwawo dda Katonda bwe yakola endagaano eyasooka ne Ibulayimu mu Luberyeberye 15:13-16. Kyaali kya kubaawo

mu kiseera ng'ekibi kyAbamooli (Ekika ekisinga obukulu mu Bakanani), kituuse ku ntikko yaakyo. Ekiseera tekyaali kya kwanukula Isiraeri eri okubonaabona kwabwe ng'abangi bwe batera okulowooza. Naye bwaali bwetaavu bwa Katonda okulongoosa ensi gye yali alonze okubeera ekifo mwatuula. Naye nga baali berowozaako bokka!. Naye okusukka ebyaasa bibiri ebya ddakko, waliwo abamu abaamulaba ne bamufaako... abatono wano na wali.



Isiraeri ekyuuse kinene mu myaka 2000 egiyise?

Nga 7/06/1967, amaggye ga Israeri (IDF), gaayingira ekibuga ekikadde, awali ebintu ebisinga obutukuvu muYerusaalemi, awali omusingi ogwaali ogwa Yekaalu ate n'ekisenge eky'ebuvanjuba, ne bizzibwa mubufuzi bw'aBayudaaya omulundi ogwasokeera ddala mu myaka 2000.

Nga kwaali kujaguza mu nguudo mu nsi eno yonna! Nga kabonero ka bunnabbi eri omubiri gwa Messaya!

Eri abakkiriza bangi okwetoloola ensi yonna, kyalamba enkomerero y'ebiseera bya Bannamawanga era nekiranga okudda kwa Yesu nti kusembedde. Nga bwe kyawandiikibwa, Balittibwa n'obwogi bw'ekitala, *balinyagibwa okutwalibwa mu mawanga gonna; ne Yerusaalemi kiririnnyirirwa ab'amawanga amalala okutuusa ebiro by'abamawanga lwe birituukirira* (Lukka 21:24).



Tuteebereza ki ku ngeri Katonda gye yawuliramu akaseera ako?

Waliwo oludda olulala olw'olugero bangi lwe batannamanya. Mu ssaawa bbiri nga Isiraeri yakatwaala obufuzi, ku kye twanditutte ng'awali ekinyusi eky'omwoyo eky'ensi yonna, akulira eby'okwerindaby a Isiraeri ow'ekitiibwa Moshe Dayan yaggyawo bendera ya Isiraeri abajaasi gye baali basimbye ku lusozi (olwa Yekaaalu) ne yeeyongera okunyweeza embeera eyo eyaliwo (ey'obuwanguzi) n'okutuusa leero..embbeera eriwo eyawaayo obufuzi obw'olusozi lwa Yekaalu eri Abayoludaani. Nga kiringa ekitamala kusanyusa balabe baffe abawanguddwa, ng'akkiriziganyizza ne Gavumenti ya Isreari, Dayan n'ateekawo etteeka mu butongole nga lirobera Abayudaaya okusabira ku lusozi olwa Yekaalu. Ekibuga baakyeddizza. Naye omutima gwakyo, we waali enkulungo y'obulamu obw'eddiini ey'ekiyudaaya wamu ne ssuubi, awo wennyini Katonda we yassa erinnya lye, awo Ibulayimu we yaweraayo omwana we Isaaka, waatekebwa mu mikono gya balabe baabwe.

Mu mwezi gw'okutaano nga 27 ne 28 /2017, emikolo n'okujaguza, okusiimba enyiriri wamu n'ebikujjukko bingi, Isiraeri yaweza emyaka ataano egy'okununula n'okugatta kwa Yerusaalemi.

Tulowooza tutya ku ngeri Katonda gye yawuliramu wakati w'ebijaguzo ebyo?



Isiraei Meir Lau, eyali Rabbi omukulu ow'Abashekenazi owa Isiraeri yayogera ebigambo ebyewuunyisa ku mukolo ogujaguza emyaka ataano. Yakifuna nti Katonda yali munyikaavu olw'amazima nti okujaganya kwaffe ku lw'ekibuga tekyalaga kufaayo mu ngeri yonna eri okuyayaana kw'omutima gwe.Yerusaalemi nga terimu yekaalu kiba ng'omubiri ogutalina mutima.



Tekirabika ng'awali enkyuukakyuuka ey'amaanyi.....bwe kityo bwe kiri?



Kino kyaali kikwaata ku Isiraeri. Ate ekkanisa? Tulinawo eky'enjawulo?



Isaaya 40:1-5

”Musaasire, musaasire abantu bange, bw'ayogera Katonda wammwe. Mwogere eby'okusaasira Yerusaalemi, mumukowoole nti entalo ze ziweddewo, n'obutali butuukirivu bwe busonyiyiddwa; Era Mukama amusasudde emirundi ebiri olw'ebibi bye byonna” (Isaaya 40:1-2).

Ani Katonda gwayogera naye mu lunyiriri olusooka? Kirabikirawo nti yali tayogera eri Isiraeri. Ani ali mu kifo okutegeera n’okwogera ebintu bino? Wasoboka okubaawo okubuusabuusa nti ebigambo bino byolekeddwa abakkiriza bannamawanga? Ayita ekkanisa okubyenyigiramu.

Ayogera eri ffe oba ayogera na mulala awalala?

Kirabika nga Katonda asaba obusabi oba awa kiteeso?

”Eddoboozi liwulirwa waggulu Mu lukoola nti, “Mulongoose ekkubo lya Mukama, mutereeze olugendo lwa Katonda waffe mu ddungu, Buli kiwonvu kirigulumizibwa, na buli lusozi n'akasozi birikkakkanyizibwa; n'obukyamu buligololwa, n'ebifo ebitali

bisende biritereezebwa. n'ekitiibwa kya Mukama kiribikkulibwa, ne bonna abalina omubiri balikirabira wamu, kubanga akamwa ka Mukama kekakyogedde"(Isaaya 40:3-5).

Bangi ku ffe tumanyi enyiriri 1 ne 2 ne 3-5. Twali tubirowoozezzaako nti bikwaata ku mitwe gya njawulo? Watya ng'olunyiriri 3 lugoberera 2 olw'okuteesa kwa Katonda, zikwatagana?

Tukowoola Mukama okujja. Tumugamba engeri gye tumuyayaaniramu okubeerawo kwe. Tusiiba ne tusaba, n'ebirala n'ebirala....

Okumala akaseera, okuviira ddala nga Yesu tanazaalibwa, entekateeka yali yajanjuluza.

Okubudaabuda Sayuuni kitundutundu nnyo ku kuteekerateeker a Mukama ekkubo.

Bwe tumulaba, watya nga atubuuzizza oba ng'ebyawandiikibw a bino tubitegeera? Tuligamba tutya?

Watya ng'olunaku olwo lwe lw'enkya?



Okuviira ddala mu Kuva okufuluma Misiri, Katonda yalaga ekigendererwa kye eri Isiraeri okumanyika: okusinza n'okumuweereza.

Mu Zabbuli 22:3, tusoma; Naye ggwe oli mutukuvu, Ggwe atuula mu matendo ga Isiraeri.
Mu Lwebbulaniya, kisoma nga

"Oli Mutukuvu gwe atuula mu matendo ga Isiraeri".

Watya nga tewali matendo mu Isiraeri; anatuula awalala wonna?

Waliwo ekifo ekirala kyonna w'ayayaanira okubeera?... watadde erinnya lye?



Kirumiriza? Kiswaaza? Kitumalako emirembe? Kizibu kya kuwulira?

Kati tubeerawo ku lwaani?

Tuli banjawulo ku bantu ba Isiraeri?

Ekitundu 2 kyatusiigira ekifaananyi eky'abantu ababeera wansi w'okusalirwa omusango gwa Katonda omutuukirivu n'okunenyezebwa kw'ensi okumala emyaka nga 2000. Oyinza okuteebereza obuziba ebyafaayo ebyo gye bikosaamu emeeme y'eggwanga? Leka tuleme okulimbibwa olw'amalala agalabika kungulu n'okwemalirira. Newankubadde ng'ekitundu eky'eggwanga ekinene kirabika ng'ekitakkiriza Katonda, bangi bakkiriza nti Endagaano Enkadde byafaayo byaffe byadda. Kiri awo bwekityo... si kitundutundu ku bulamu bwaffe obwa bulijjo. Ebikolwa bya bajjajjabwe byawandiikibwa. Twagamba omutonzi w'ensi nti tetumwagala atufuge. Tekyewuunyisa! Tekisoboka kuba nga ebyafaayo bwebityo,ne byetuyiseemu nti tebyalekawo biwundu eby'obuziba ku bulamu bwaffe.

Buli Isiraeri kyekola, buli kyekoze ne kigasa ensi, awatali kubeerawo ate n'okumanya okw'ebuziba okwa Katonda, teri muntu oba abantu abalina ebyafaayo ebyo nga basobola okubeera n'emirembe mu bbo. Isiraeri eya leero yetaaga kubudabuddibwa okusinga eggwanga eddala lyonna bwe lyakola mu kiseera Isaaya weyawandiikira ebigambo bino.

N'ekirowoozo ekyo mu ndowooza, tunuulira enkozesa ya Abaruumi 11:11. *"Kambuuze, Baamala kwesittala ne balyoka bagwa? Nedda, nakatono. Naye olw'okwonoona kwabwe obulokozi kyebwava bujja eri ab'amawanga, aba Isiraeri bakwatibwe obuggya."* Kino kiragiro kikulu... kye kisinga obukulu. Kirangirira nti ensonga enkulu lwaki bannamawanga bafuuliddwa abawanika b'okubikkulirwa kw'enjiri okukwasa Isiraeri obuggya.

Amakulu agali awo 'kwe kuyimirira nabo awamu'. Nga kituufu nnyo ekyo. Ki ekiyinza okuwonya okugaanibwa kuno okw'ebuziba okusukka okuyimirira awamu?

Emyaka egy'edda, eggwanga lyalina akaseera akazibu okwesiga ebiruubirirwa by'abakristaayo okuggya, okukyaala n'okukumba. Waliwo ensonga ennungi eri ekyo. Bakkiriza nti balina kye bagoba bakyuuse Abayudaaya eri Obukristaayo. Olwaleero, oluvannyuma lw'ebyaasa bibiri ebijjudde okwagala okwanamaddala n'okubudabuddibwa okwoleseddwa, batandise okukikkiriza nti bituufu nti kati ebintu bikyuuse. Bwotunuulira ebirabikako mu buntu, ekigera eky'enkyukakyuuka kyewunyisa.

Ng'ekitundu ekinene eky'ensi basonga nnwe, bayita Isiraeri amannya nga banoonya okuzikirira kwaayo, okujja okuyimirira nabo tekibulako mutango. Wakati mu buwagizi obuliko omutango omunene, abantu ba Isiraeri balowooza ki? Nga Isiraeri emaliddwaawo n'okwebezaawo, ekivaamu mu bantu ababeerawo n'obulamu obwewaddeyo ne beerekerezanga busimbiddwa mu butaggwaawo, kyekibakwasa obuggya.

Tulowooza ki ku bantu ng'endowooza, entegeera ate n'obujeemu obwokwesalirawo wamu nga bitonzeewo ebizibu bye besanzeemu? Obatunuulira otya? Tugamba tutya? N'okusingaawo, kyandibadde kyetagisa okubalaga ensobi mu makubo gaabwe, okusinga okubikka ku kibi n'ebikivaamu tubaleke nga tebawonye nga bwe beyongera mu kkubo ly'erimu buli kaseera. Mu mbeera bwetyo, tunuulira bino.

Zekkaliya 3:1-7

N'anjolesa Yosuwa, kabona asinga obukulu, ng'ayimiridde mu maaso ga malayika wa Mukama, ne Setaani ng'ayimiridde ku mukono gwe ogwa ddyo abe omulabe we. Mukama n'agamba Setaani nti, "Mukama akunenye, ggwe Setaani; weewaawo, Mukama eyeerobozezza Yerusaalemi akunenye, oyo si kisiriiza ekikwakkulibwa mu muliro?" Era Yosuwa yali ayambadde engoye ez'ekko n'ayimirira mu maaso ga malayika. N'addamu n'agamba abo abaali bayimiridde mu maaso ge, n'ayogera nti. "Mumwambulemu engoye ez'ekko." N'agamba Yosuwa nti, "Laba, nkuggyeeko obubi bwo; nange nnaakwambaza ebyambalo eby'omuwendo." Ne njogera nti, "Bamusibe ku mutwe gwe ekiremba ekitukula. Awo ne bamusiba ku mutwe gwe ekiremba ekitukula ne bamwambaza engoye;" malayika wa Mukama n'ayimirira awo. Malayika wa Mukama n'alabula nnyo Yosuwa, ng'ayogera nti, "Bw'ati bw'ayogera Mukama w'eggye nti, Bw'onootambuliranga mu makubo gange, era bye nkukuutira bw'onoobinywezanga, kale naawe ennyumba yange onoogisaliranga omusango, n'empya zange onoozikuumanga, era ndikuwa ekifo obeere mu abo abayimiridde wano.

Luno olugero lwewunyisa nga lulimu ensonga nyingi ezikwaata ku mutwe gwaffe. Okuba nti Yosuwa ye Kabona Omukulu owa Isiraaeri, tukitwaala nti yali akiikiridde eggwanga era nga tayimiriddeewo ku lulwe yekka ng'omuntu. Olwebbulanya olunnyonnyola ekika ky'obukyaafu obw'engoye ze nga kisukka nti zaali njama; yali yesaabye obubi bwe. Embeera ye yali evudde mu bikolwa bye; ye yabyekolera (Mu kuwandiika, tumanyi nti Malayika wa Mukama ayitibwa Abebbulaniya... Yakuwa.)

Okusookera ddala, baani abo abayimiridde awo mu maaso ga Mukama? Ob'olyaawo bamalayika? Siba Isiraeri nga Yosuwa bwaali akabonero akakiikiridde Isiraeri. Olugero lukomekkereza na Katonda nga n'obukwakkulizo awa Yosuwa ebifo okutambula mwaabo abaali bayimiridde awo.

Kyaali si kyekigoberera nti abanunule ba Isiraeri bajja kuweebwa ekifo wakati mu bamalayika, nga bamalayika bwebaweebwa okuweereza abanunule (Laba Abebbulaniya 1:14). N'olwekyo abo abalongoseddwa n'omusaayi abatali ba mu nnyumba ya Isireari ey'obuzaale. Era Katonda ayogera gye tuli kitundutundu ekya bannamawanga eky'ekkanisa. Twetegereze ekika ky'okuwanyisa kuno. Nga Yosuwa bwabikkiddwa mu bikolwa bye eby'omubiri, Setaani anoonya okukozesa akaseera ako okulyolyoma Yosuwa oba Isiraeri mu maaso ga Mukama. Katonda tawandiika ku ki ekyatuusa Yosuwa mu mbeera mwe yali ali, naye alagira bulagizi abo abaali bayimiridde mu maaso ge okuggyako Yosuwa engoye envundu. Kiwulikika nga, 'Budaabuda, wewaawo, budaabuda abantu bange.'

Isaaya 62: 1,6,7

Ku lwa Sayuuni kyendiva nnema okusirika ne ku lwa Yerusaalemi kyendiva nnema okuwummula; mmwe abajjukiza ba Mukama, temuwummulanga, so temumuganyanga kuwummula, okutuusa lw'alinyweza n'afuula Yerusaalemi okuba ettendo mu nsi.

Era Katonda, Kitaffe, ayogera eri ekibinja ky'abantu ku mbeera ya Isiraeri. Abanokolayo ng'abo abayita erinnya lya Mukama' oba

‘mmwe abakowoola Mukama’ tekirekaawo kibuuzo nti abantu bano bamumanyi era nga si kitundutundu ku buzaale bwa Isiraeri.
Mu ngero zino bbiri waggulu, (Zekkaliya 3 ne Isaaya 40), Katonda atuyita eri obuweereza eri Isiraeri.

Budaabuda Sayuuni. Kyuusa engoye ze. Olugero luno lukwaata ku ye. Lunnyonnyola engeri gyawuliramu. Katonda ow’olubeerera omutonzi wa byonna ayagala okusukkawo, alina byonna bye twetaaga okuba abalamu ne mu bwakatonda, agabana naffe okuva mu buziba bw’emeeme ye. Ensonga ya Sayuuni, okufaayo kwe ku lwa Yerusaalemi, byeebyo ebitamuvaako. Taliwummula okutuusa ng’ensonga eno ekoleddwaako.

Katonda anoonya basinza. Anoonya ba Ibulayimu okugenda gye batagendangako bakole ebiringa ebitalina makulu, naye kubanga Katonda y'akisabye. Anoonya ba Dawudi abatafeeyo ani alowooza ki ku bbo, naye kye basaba kimu kwe kubeera mu nnyumba ya Katonda. Anoonya ba Isaaya abanayanukula ‘nzuuno’ ntuma’. Anoonya ab’ebigenge abanaawona naakomawo okugamba nti webale’. Anoonya ba Maliyamu abayiwa byonna bye balina ku bigere bye nga tewali kye basaba kuweebwa. Anoonya abo abamufaako ye ng’omuntu. Anoonya okwagala okwasooka okw’omugole omukazi eri baawe.

Oyo ye ffe? Yeffe b'anoonya?

Tuwulira omugugu gwe? Tukomebwaako?Tukwatibwaako?

Bwe biba nga byalangirira tebimala kutusiikuula kubaako kye tukola…. Kati tubeerawo ku lwaani?



Waliwo ekitategeerekeka ku bubaka n'ensonga mu byetusomye waggulu?



Tukisubiddwa tutya okumala ebbanga eddene



Ffe ng'omubiri gwa Messaya twawukana ku Isiraeri ey'edda?

Ekitundu 9

Endaba ey'obukodyo

"Kubanga tetumeggana na musaayi na mubiri, wabula n'abaamasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu." (Bef 6:12)

"Kuba newakubadde nga tutambulira mu mubiri, tetulwana kugobereranga mubiri, kubanga eby'okulwanyisa eby'entalo zaffe si bya mubiri, naye birina amaanyi agava eri Katonda olw'okusaanyawo ebigo. Tusaanyaawo empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa Katonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo okugondera Kristo. Tweteeseteese okubonereza obutagonda bwonna, okugonda kwammwe lwe kulituukirira." (2Abakkolinso 10:3-6)

"Kubanga ne bwe ndisukkirira okwenyumiriza olw'obuyinza bwaffe, Mukama waffe bwe yatuwa olw'okubazimba, so si lwa

kubasuula, mu byonna ssirikwatibwa nsonyi. Sandyagadde kufaanana ng'abatiisa n'ebbaluwa zange" (1 Pet 5:8,9,).

"kwe yayambulira ddala abafuzi n'ab'obuyinza, n'abawemuukiriza mu lwatu, n'abawangulira ddala" (Abakkolosaayi 2:15).

"N'alyoka ayogera nti, "Omanyi kyenvudde njija gy'oli? Kaakano nzirayo okulwana n'omulangira ow'e Buperusi. Bwe nnaavaayo, olwo nga omulangira ow'e Buyonaani ajja." (Danyeri 10:20)

Emirundi esatu mu njiri ya Yokaana, Yesu asonga ku, *"mulangira w'ensi eno"* (Yoka 12:31, 14:30, 16:11)

Kizibu okutegeera endowooza ya Setaani. Ob'olyaawo alina essuubi ery'obutasalirwa musango gwawandiikibwa edda? Yok 16:11 wagamba, "kubanga omulangira w'ensi eno asaliddwa omusango". Zabbuli 149:9 wagamba, ".....abasalire omusango ogwabawandiikirwa...."; Kya nsonga nti "ssaabalimba" y'asinze okulimbibwa.

Essomo ery'olutalo olw'omwoyo si luzibu nnyo nga bwe twandirowozezza. Lutalo wakati w'ekitangaala n'ekizikiza. Yokaana 1:5, egamba, *"Omusana ne gwaka mu kizikiza, so ekizikiza tekyagutegeera"*. Mu mwoyo nga bwe kiri mu buliwo, ekizikiza tekisobola kubeera wali musana.

2Abakkolinso 4:3-4, egamba, *"Era newankubadde ng'enjiri yaffe ebikkibwako, ebikkibwako eri abo ababula. Beebo abatakkiriza,*

Setaani omufuzi ow'emirembe gino be yaziba emitima gyabwe, n'abaziyiza okulaba omusana gw'Enjiri ey'ekitiibwa eya Kristo, oyo kye kifaananyi kya Katonda, okubaakira." Ekigambo kyo Luyonaani ekitegeeza *"bazibibwa amaaso"* kitegeeza *"kukola mukka"*. Ng'ebire bwe bibikka enjuba, eky'okuddamu kyangu... mu buliwo ne mu mwoyo. Empewo, omwoyo bifuuwa ebire ne bivaawo. Katonda waali, omulangira w'ensi eno tasobola kubeerawo. Kati ekinyusi kwe kukola ekifo okubeerawo kwa Katonda mwe kutuula, *"Awaba Omwoyo gwa Mukama waffe, we waba eddembe"*. (2Kol 3:17)

Ekigendererwa ky'ekitundu kino kwe kutegeera ekika ky'olutalo olw'omwoyo olugenda mu maaso ku ddaala ly'ensi yonna; Naddala ekikwaata ku kifo kya Isiraeri mu ndaba eya Katonda n'eya Setaani.

Abantu abasinga obungi balina pulaani ku lw'obulamu bwaabwe. Ebitundu, ebibuga, amakanisa, enzikiriza, amawanga, enzikiriza ne ttiimu z'omupiira zonna balina ebiruubirirwa bingi bye baagala okutukaako. Kya mu musingi ate nga kyetaagisa okukolayo enkola eneekuyamba okukutuusa gy'oyagala okutuuka.

Okukkissa mu nkola okuviira ddala ku lunaku olwasookera ddala mu bulamu bwaffe obw'okukkiriza, kyatuteekebwaamu nti tuli mu lutalo olw'omwoyo essaawa bina. Lutalo lwaddala mu buli ngeri. Teri akibuusabuusa. Abantu bwe basalawo okugenda mu lutalo... mu ngeri nga eno, okusalawo kwakolebwa dda ku lwaffe.. ng'ekikolwa ekimu tekinnaba nakukolebwa...

ng'essasi erimu terinnakubibwa.... Nga tewali na kulangirira okwaakoleddwa.. omutango gubaliddwa era nga pulaani yateereddwawo dda.

Eggye lyonna lyaali ligenze mu lutalo nga tewali bukodyo bwakukozesa?

Obwaffe bwe buliwa?
Ekiruubirirwa kyaffe kye kiriwa?
Tusookera wa okulumba?



Amazima nti ekika ky'olutalo olutwetoodde lwa mwoyo si kirowoozo kipya. Ennyiriri ezogeddwako waggulu ssi mpya. Okumala ebyaasa ebitonotono bangi bakitegedde nti ensi, ebitundu n'ensonga eza bulijjo zetaaga kukolebwaako na kusaba, kwegayirira na kusinza. Mu kiseera kye kimu ekigambo "empenda/obukodyo" kyatandika okuvaayo. Amaggye okutwaaliza awamu galimu amaggye ag'omubbanga, ag'okumazzi, ag'abakessi ate nag'abatandika. Buli lutalo lwa njawulo era buli lumu lwetaaga okulukolera oluwenda ku ngeri y'okukozesaamu amaggye agaliwo. Nga tukimanyi nti omulabe amanyi ebyawandiikibwa mu nnyiriri ku bikwaata ku nkomerero, tusobola okukimanya nti amaanyi g'ekizikiza gabadde geetegekera ekyo ekijja okumala akaseera.



Kikulu omubiri gwa Messaya okutegeera nti obudde gye bukoma okugenda ensonga ze twanganga bulijjo zikwaatagana n'enkola ez'omwoyo ez'ensi yonna n'ezebitundu.



Luno tutera okuluyita olutalo wakati w'obwakabaka obw'ekitangaala n'obwakabaka obw'ekizikiza.
Newankubadde ng'emizimu gino tegirabika mu buliwo, tekijjaawo kuba nti bitonde ebyatondebwa nga biriko we bikoma, nga tebisukkuluma ku nkola y'amateeka ga Katonda mu kukola kwaabyo.
Okuviira ddala mu kitundu ekyanjuddwa mu nnyiriri waggulu, kitegerekeka nti amaanyi g'ekizikiza nago gategekeddwa mu nkola nga ya madaala. Nga Setaani ye mufuzi ow'oku ntikko ow'amaggye g'emizimu. Maggye ag'ebintu ebirina obuyinza obw'enjawulo n'amaanyi... ng'amagye aga bulijjo.
Nga bwe kiri eri buli ggye, abaserikale baduumirwa ba kamanda abasimbiddwa awantu awamu. Okutwaaliza awamu, tusobola okukitegeera nti obwakabaka bw'ekizikiza bulina ekifo awali obufuzi obukulu (ekitebe ekikulu).



Waliwo awalaga nti weewatudde ekitebe kino ekikulu?

Mat 23:39, *”Wawandiika Yesu ng’ayogera ku Yerusaalemi oba Isiraeri ng'agamba, "Kubanga mbagamba nti Okusooka leero temulindabako n'akatono, okutuusa lwe mulyogera nti Aweebwe omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama.”*

Entegeera etera okukkirizibwa eya kino eri nti Mukama tagenda kudda okutuusa ng’amaaso g’emitima gya “basinga obungi” mu Isiraeri gaguddwa okutegeera n’okumukkiriza nga Messaya wa Isiraeri eyasuubizibwa.

Ekirowoozo kino kyokka kituwa okunnyonnyola mu ndaba ey’ebyo ebingi Isiraeri by’eyiseemu okuyita mu byafaayo bye byonna.

Kituufu olunyiriri luno lulaga nti obudde bw'okudda kwa Yesu bukwatagana n’okuzuukusibwa okw’Omwoyo okwa Isiraeri?

Bwe kiba bwe kityo, bibi ki ebivaamu ebyandibadde mu bwakabaka obw’ekizikiza?

Obukulu bwa Isiraeri mu kubikkulirwa kwa Katonda eri obulokozi bw'ensi kiwagirwa nnyo okuyita mu byawandiikibwa mu ngeri ez'enjawulo, olunyiriri olw'oku ntikko nga luli mu, Baruumi 11:15 lwetwakonyeeko nga tuwumbawuumba ekitundu ekiyise waggulu:

"Kuba oba ng'okugaanibwa kwabwe kutegeeza kutabaganya ensi, okusembezebwa kwabwe kutegeezaki, okuggyako obulamu okuva mu bafu?"

Setaani ki ky'asingira ddala okutya n'okuteekako essira?

Ng'akaseera ako kasembera, ng'ennimiro za Isiraeri zengedde olw'amakungula, omufuzi ow'ensi eno agenda kuteeka amaanyi oba amaggye ge gonna okuziyiza amaaso ag'omwoyo aga Isiraeri okuzibuka.

Tusobola okukiwumbawuumba nti ekifo ekitekeeddwaako amaggye agasinga okuba ag'amaanyi wasoboka okuba nti we wali obunafu bwe obusingayo. Awo kyangu okwoger nti omulabe waduumirira ne waafugira wateekwa kubeera mu ggulu ery'okubiri waggulu w'ensi n'abantu ba Isiraeri. Mu lutalo lwonna, mu buli kulwana kwonna, awasinga okulumbibwa n'okuteekebwaako a



Kino kikola amakulu?

Tukikkiriza nti kituufu?



Tuyayaana okukolawo enjawulo ku mbeera ey'Omwoyo ey'ensi yonna?

Tuli bajaasi mu ggye lya Mukama?

Okwanukula okutuufu eri amazima aganjuddwa wano kujja

kubaako ne kye kukola ku bulamu bwaffe obwa bulijjo.

Tukyetegekedde?

Ekitundu 10

Kati kiki?

Kati... tuli wa?

Tulowooza ki?

Tukitegeera mu ndowooza yaffe?

Waliwo kye tulengeera mu kkubo, mu maaso?

Lubadde lugendo luzibu? Tukyalulimu?

Twewulira tutya? Emitima gyaffe giwummudde?

Ekitundu ekisembayo okuba nti kibadde kyogera ku mpenda oba obukodyo kijja kutuleeta eri okwaanukula okumu. Ekisookera ddala, kikulu emirandira egy'ekyo ekyakasimbibwa okunywezebwa

ddala. Nga amaaso gaffe gaguddwa okulaba ebintu mu ngeri empya kisiikuula. Newakubadde nga okukiyitamu kyangu obutategeerwa bulungi. Awamu n'okulaba bibala eby'okukomebwaako okusooka, tufuna ensigo ekontana n'omuti ogw'ebibala nga gukuze. Mukama atuwa okulega ku kibala mukwetegekera ogweetagisa okukola mu kusimba n'okukuza omuti. Mu kumyansa n'okwanguya okw'okubikkulirwa, tusobola okusubwa amazima nti tulina nsigo okusinga ekibala kye tuzuula amangu ennyo nga tugezaako okukigaba. Nga bwe kiri eri emiti, bwe gweyongera okukula waggulu mu buwanvu n'okugaziwa okusinga wansi, omuti tegujja kuba na bunyweevu okuguma wakati mu mbuyaga ezinaatera okujja.

Essuubi erituvuga eriri emabega w'okukola ebitundu bino kwe kwolesebwa okw'omugendo nga emirandira gyaagwo gitandikira mu Baibuli, ogutaawabe oba okuzimeera mu nnaku ez'okugezesebwa eziri mu maaso. Ekituvuga kwe kutegeera okw'omutima gwa Katonda okwajjira mu kigambo kye yayogera mu1990. Yagamba, "Temulowooza nti njagala ensi ng'ejjudde abantu abantendereza we nnaakomerawo?" Ebigambo bino byajjira mu ngeri ya lugero olw'embaga ya Kabaka abayite kwe batajja. Yeyongera okugamba, "Abantu wano (nga ategeza omubiri mu nsi), bandikkiriza yenna gwe natuma". Ekiri emabega w'ekitundu kino kyaali nti twamatizibwa dda nti olutalo olw'omwoyo lwaali lunene nnyo eri omubiri gwa Messaya okululwaana gwokka. Nga bwe twawandiika ku nkomerero y'ekitundu ekisembyeeyo, amaanyi agasinga okuba agamaanyi ennyo gagenda kubeera wali Seetani wasingira ddala okutya n'okumunafuya.... Isiraeri

"....Tewali muntu akwata enkumbi n'atunula emabega asaanira obwakabaka bwa Katonda." (Luk 9:62)

Eno y'emu ku njogera esinga okubeera enzibu.

Tulowooza ki?Kizaala ki mu ffe?




Mu kukubaganya kwaffe okw'ebirowoozo ku nkula ya Isiraeri ey'obunnabbi, twakwaata ku ndaba nti enkola nnyingi ezikwatagana n'obulamu bwa Isiraeri ey'edda buzingiramu ennono n'a masomo amakulu eri obulamu (ekkanisa) leero. Olutalo lwa Isiraeri olwasookera ddala okuwandiikibwa mu Kuva esuula 17:11,12, tekibusibwabuusiibwa mu kaseera kano.

Awo olwatuuka Musa bwe yayimusanga omukono gwe, Isiraeri n'agoba; bwe yassanga omukono gwe, Abamaleki ne bagoba. Naye emikono gya Musa ne gitendewererwa; ne batwala ejjinja ne baliteeka wansi we, n'alituulako; Alooni ne Kuli ne bawanirira emikono gye, omu eruuyi n'omu eruuyi; emikono gye ne ginywera okutuusa enjuba okugwa.


Wano tulina eky'okuyiga ekisooka mu luwenda olw'okulwaana ekitandikirwako. Gaali maanyi ga miguwa esatu Musa yali mu maaso ga Mukama ng'asitudde waggulu omuggo gwa Katonda. Alooni nu Kuli baali bayamba Musa. Yoswa ng'ali mu lutabaalo alwaana n'abantu. Kuggyirayo ddala ensonga ssatu mu ssaala ya Yesu mu Yokaana 17; ekitiibwa kya Katonda, obumu obw'ab'oluganda ate n'eddembe ly'abantu. Okukikozesa leero tusobola okukwasaganya

omubiri mu nsi ku Musa, omubiri mu mawanga eri baganda be, ate olutalo lwennyini lukomekkerereza mu ddembe ate n'obuwanguzi bwa bantu.

Okukikozesa leero, tusobola okukwaasaganya Omubiri (ekkanisa) munsi ku Musa, Omubiri oguli mu mawanga ku baganda be n'olutalo olwaddala olugenda okuggweera mu ddembe n'obuwanguzi eri abantu.



Twogedde ku Israeri nga tujikwaataganya n'amawanga amalala gonna. Bwe kiba ng'ekifaananyi kyefaananyiriza n'ebiriwo leero, eddaala eryamagezi eriddako kwe kutunuulira enkola ezikwaata ku nsi ya Isiraeri nga yo. Ebirowoozo ebimu ate n'okutunuulira ku mutwe ogwo bisobola okusangibwa ku mutimbagano wano.



Enkola ez'obulamu bw'omukkiriza obwoku nsi zisobola okutunuulirwa mu ngeri ssatu. Esooka y'enkolagana yaffe ng'abantu ne Katonda. Kya buziba, kya bwa ssekinoomu ate nga kikusike. Ekiddako y'enkolagana yaffe ne baganda baffe oba bannyinaffe. Newankubadde nga twatondebwa ng'abantu ssekinoomu, Taata akigenderera era ayaayaana ffe tube Omubiri.

Eky'okusatu kwe kukwatagana okw'awamu N'ensi; nga wano amasomo gano essira liteekeddwa ku Isiraeri. Omutwe ku Isiraeri n'olwekyo muguwa gwa miyondo esatu. Abamu balina okubikkulirwa ku kusinza n'okuweereza eri Katonda. Abamu balina okuyayaana okuzimba n'okuzzaamu amaanyi omubiri. Abalala balina okuy-

itibwa okuteekateeka ekifo kya Mukama mu Isiraeri .Abakkiriza bangi betisse ogumu ku migugu gino; abamu beetisse ebibiri ku bino bisatu, naye batono abetisse gyonna esatu mu kukwatagana kwaabwe. Zino ensonga essatu nga zigatiddwa wamu birungo ebikulu mu nsawo ey'eddiba empya. Teri kirungo kimu ekisobola okutuuka mu kutuukirizibwa kwaakyo awatali biri ebibiri ebirala.



Okwongera okukutegeeza, mu kaseera ak'okuwandiika bino omulimu omuli ensonga zino essatu gugenda mu maaso, kiyitibwa *"Okunoonya ebitegeerekeka obulungi.... Akatabo ak'eddiba eppya"*



Twanditesezza ekirungo eky'okuna ekisobola okuyamba okujjuza ekifaananyi. Kikwaata ku kumanya essaawa mwe tuli, n'okulaba okw'obunnabbi mu nnaku ezijja mu maaso. Nuuwa yalina emyaka kikumi okuzimba eryaato. Mukama yennyini yayogera ku bwetaavu bw'okumanya ebiro n'ebiseera.



Ennonno enkulu mu bulamu, amakubo ga Mukama n'entekateeka ze, byonna bisimbiddwa mu byawandiikibwa. Nga Yesu bwe yakola byokka bye yalaba Kitaawe nga akola, naffe entegeera zaffe, ebikolwa wamu n'amakubo gaffe biteekeddwa kusimbibwa ku musingi ogwa Baibuli. Naye ate bwekituuka ku kwawula ebiro n'ebiseera, ekkubo lisobola okubaamu olufu. Naddala mu myaka egiyiseeko, ebikwaata ku bintu bingi eby'enjawulo n'okweyoleka okutali

kwa bulijjo okungi okwebyaaka mu bbanga, bangi bagamba nti baawulira Katonda nga agamba kino oba kiri, ekyavaamu okuvvuunula okumu okwekyo kyonna bye kitegeeza. Okutwaaliza awamu, okwasanguza okwo kusoboka okuba nga kuleeta ebibuuzo, bizibu okukakasa ate nga n'oluusi biva kumpulira y'omuntu.

Mu kwogera tutyo, "tetusobola kukasuka kirungi awamu n'ekibi". Tetusobola kuva ku bunnabbi kubanga bingi nnyo ebyogeddwa mu linnya lya Katonda nti agambye naye nga ddala tanagamba.

Kyawandiikibwa nti ebyaaka mu bbanga byakolebwa kuwa bubonero

Ku bubonero bwonna bwe tulabye ne bwe tuwulidde mu byaasa ebiyise, ekimu ekisingako, nga kiteesa akaseera akakwatagana n'ekyabaawo mu biseera eby'edda ebya Baibuli nga byaleeta enkyukakyuuka ennene mu byafaayo by'ensi.

Enjuba yali egwa mu Yerusaalemi nga 21/08/2017, *"The great American Eclipse"* yakoma ku nsi okutuusa ku lubalama lw'ebugwanjuba olwa America. Omulundi ogwasembayo ekizikiza ekijjudde okukoma ku America yokka gwaali mu 1776, omwaka America gwe yalangiriramu obwetwaaze. Ennaku z'omwezi mu Lwebbulaniya ez'ekizikiza kino ekikutte lwe kyabaawo zaali nga 1 omwezi gwa Elul, mu kutandika omwezi ogw'okwekebera mu mutima wamu n'okwenenya, ennaku 40 Yom Kippur erooke etuuke. Ekibuga ekikulu ekyasooka okulega ku kizikiza ekikwatidde ddala kyaali Salem, Oregon. (Salem kitegeeza Yerusaalemi). Obugazi bwa mayiro

nsanvu ezijjudde kyatambula okuva mu mambuka g'obuvanjuba okutuusa ku maserengeta g'obugwanjuba, kyaayita mu matwaale kkumi n'abiri ne bibuga musanvu ebiyitibwa Salem. Ekifo ekizikiza kino wekyawangalira ennyo waali ku kasongezo ak'amaserengeta aka Illinois mu kitundu ekimannyiddwa nga *"Little Egypt"* omwaali ekibuga ekiyitibwa Cairo. Erinnya *"Little Egypt"* oba Ka misri akato liddayo emabega mu1832, omuzira bwe gwatta kasooli yenna mu kitundu eky'amambuka eky'esazza eryo n'akasongezo ak'amaserengeta gaaba gabiranga kasooli owa bonna. Mu kujjukira olugero lwa Baibuli, ekitundu ne bakibbulamu Ka Misiri akatono.

Ekizikiza ekikwatidde ddala okubuutikira omulundi omulala kyaali kigenda kujja mu America mu bbanga lya myaka nga musanvu... nga kijjayo emyaka omusanvu egy'ekyengera n'emyaka musanvu egy'enjala mu lugero lwa Yusufu mu kitabo ky'Okuva. Okuva mu maserengeta g'ebugwanjuba okutuusa ku mambuka g'ebuvanjuba. Kigenda kusala akakubo omwaali ekizikiza ekikwatidde ddala wennyini mu ka Misiri akatono, awali ekijjudde we kiribeera ate ekisingaayo obuwanvu. Ennaku z'omwezi ze nga 8/04/ 2024, lwe lunaku olusooka olwa Nisan... Ku ntandikwa y'omwaka gwa Baibuli.

Tuwaayo kino ng'okuddako emabega mu kukubaganya kwaffe okw'ebirowoozo ku kifo Isiraeri mweyimirira mu kifaananyi ky'ensi yonna ekigazi. Okusinziira ku mutima ate n'engeri ya Katonda ebikkulwa mu butonde n'enywezebwa mu byawandiikibwa, tewakyaali kubuusabuusa nti tatuwa kulabula okutegeerekeka ku bintu ebibeerawo ebigenda bikyuusa ensi. Emyaka egiyise, ebintu bingi ebizze bibeerawo, ebiretedde abangi okubeera n'ebisuubirwa ebitatuukirira. Kiddire eri ffe okulekeraawo okussaayo omwoyo eri obubonero ku nsi ne ku ggulu.Tuleme okukyerabira nti oluvanny-

uma lw'ekizikiza kino ekikutte ekya 2017, America neyita mu butyaabaga obw'obutonde nga bubalirirwamu obuwumbi bwa ddoola 300 obwebyo ebyayonoonebwa ne bikosa obulamu bw'abantu bangi. Tukkiriza nti ekinaddako ekizikiza ekijjudde, ensi eyinza okuyita mu nkyuukakyuuka ey'omuggundu nga kijja kukyuusa obulamu nga bwe tukimanyi. Baibuli ekyogera nti okugezesebwa okunene kwe kujja okusooka awo okudda kwa Mukama kulyooke kujje.



Olowooza ki?
Kino kituleetera okussaayo omwoyo?

Kisoboka nti tuweereddwa akaseera ku luuyi olulala ebintu webinaaberera eby'enjawulo ennyo?

Bwe kiba bwe kityo, kati ki?



Obutakuleka ng'olina ky'otategedde ku nsonga eyo, tusobola okwogera ku ngeri gye tukwasaganyaamu ebyetoolodde ebizikiza bino ebibiri. Tetulina kifaananyi kituufu oba ddi, kitya, kiki oba wa ekintu we kinaabererawo. Twesanga nga okukwaatagana kw'ebintu ebyetoloola kino bisukka ku kyetusobola okulowooza oba okubirabira ku mabbali. Bangi ku be tukwatagana nabo nga bakkiriza nti mu kaseera akamu nga si ka wala mu maaso,

eby'enfuna by'ensi byonna bigenda kugwa, entegeka za gavumenti zikyuuke, ate n'enkola ey'ensi emu esuubirwa ewakanya Kristo ejja kutandikawo. Okwawula kino tekyetaaga mafuta ga bunnabbi.

Okusukka okutereka emmere oba eby'okukozesa, ekisinga obukulu ku mitima gyaffe mu kwetegekera ekyo ekijja, kwe kukola obubinja obutono nga bukwaata ku bitundu abantu we beemanyira n'okwesigangana. Kikwaata ku nkolagana. Tuli mu abo abamatiziddwa nti enkola y'ekkanisa ey'omuntu omu okubeera nga y'akulembera n'okutegeerera abalala tegenda kukola mu nnaku ezijja. Okuyiga okubeera awamu n'abalala si nsonga nnyangu mu mbeera ezibeerekamu. Okusuubira enkyuukakyuuka kigenda kujja ng'omubbi mu kiro, tukola kye tusobola okugabana bye tulabye, bye tuwulidde ne bye tuyiseemu nti Omubiri gulina okuba omweetegefu nga "ekigwaawo obugwi" kitutuseeko.


Bwoba okwatiddwaako, ng'omutima gwo gukomeddwaako, bwooba oyaayaana okweyunga ku balala bofanaganya endowooza, tosikkattira. Kikole.

Tukole ng'obudde bukyaali misana. Tukungaane okulindirira mu maaso ga Mukama. Tuyige okulaba abalala nga ye bw'atulaba. Twanirize n'okunoonya okulamula kwa Katonda mu bulamu bwaffe.


Mu byonna ekiriyo eky'okukola kwe kusembera eri omutima gwa Taata ate n'okussa mu nkola empenda ez'omwoyo nga zikoma ku nsi. Tuteesa nti okuteekateeka ekifo Mukama mwatuula mu Isiraeri ky'ekisooka ku lukalala. Kino si ky'abalondemu bokka abatono.

Kati kiki?

Bonna abaana ba Katonda bayitiddwa mu ngeri emu okwenyigira mu kutuukiriza okuyaayaana kw'omutima gwa taata.




Kale temweraliikiriranga nga mwogera nti Tulirya ki? Oba tulinywa ki? Oba tulyambala ki? Kubanga ebyo byonna amawanga bye ganoonya; kubanga Kitammwe ali mu ggulu amanyi nga mwetaaga ebyo byonna. Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako. Kale temweraliikiriranga bya jjo, kubanga olunaku olwa jjo lulyeraliikirira ebyalwo. Olunaku olumu ekibi kyalwo kirumala (Mat 6:31-34).



Atulaze ekirungi era n'atugamba ne ki ky'atwetaaza.

Okukolanga eby'obwenkanya, n'okwagalanga, n'ekisa, era n'okutambula n'obuwombeefu ne Katonda wo ng'omwana. (Mikka 6:8).



Isiraeri ebikkulwa

Ekigambo okuva mu bawandiisi



Twasisinkana ne tufumbiriganwa mu 1969, ne tutuuka okumanya Yesu oluvannyuma lw'olugendo lwa myaka ena okuyita mu nsi ey'egy'enkaaga. Twabeera mu kibuga New York wamu n'abaana baffe babiri okutuusa okuddayo mu Isiraeri mu 1992. Nga tukulidde mu nsi ya Mukama n'okuyaayaana okw'okusinza, okubuulira enjiri, mu lugendo Mukama n'atubikkula amaaso eri enkola ez'olutalo olw'omwoyo, naddala ku ki Isiraeri ky'ezzanya mu kifaananyi ekinene. Omutima ogwekyo ekyaali kigenda okufuuka omulimu omukulu ogw'obulamu bwaffe nga gwazaalibwa oluvannyuma lw'okubikkulirwa nti wakati mu birungi byonna abakkiriza bye baali bakola, Taata yalekebwa awulira nti tassiddwaako mwoyo. Okukigatta awamu, okuva mu 1997, essira tubadde tulitunuulizza okukola ekifo abasinza okuva mu mawanga we bakungaanira

awamu mu Isiraeri okuweereza eri Mukama. Ekiva mu kubeerawo kwe kikyuusa obwengula, nga kikkiriza abo abanoonya amaaso ge okumuzuula. Kino bwe kibaawo mu Isiraeri, wagenda kubeeraawo okusumululwa okw'omwoyo we okwetoolola ensi yonna.

Okumala emyaka, twalina omukisa okuwanika ebikozesebwa okwaniriza ebibinja okuva mu mawanga e Tel Aviv, ensozi ez'Ebuyudaaya wabweru wa Yerusaalemi at'era kati Mu Galilaaya okumpi ne Tiberiyo. Wamu n'aboluganda abalala bannansi, tuli kitundutundu ku kitongole ekikula ekya, Galilee Worship Network. Okumala ng'emyaka 20, tutambudde nnyo nga tugabana ku kusinza ne ku Isiraeri, nga twaniriza ab'oluganda okujja mu nsi nga ssaddaaka ennamu okwanukula eri Abaruumi 9-11. Okuva mu 2013, twaniriza ebibinja ebya abantu kkumi nababiri okwegatta ku nnaku kkumi ez'ekiweebwaayo ekya ssaddaaka.

Mazima tusuubira nti okukwaata olugendo luno kyongedde ku kuyaayaana kwo eri Mukama era kugasse ku kutegeera kwo eri ebirowoozo bye wamu n'amakubo ge.

Twandyagadde okuwulira ku ngeri okusoma kuno gye kukomye ku bulamu bwo.

Ku lw'ekitiibwa ky'erinnya lye,
Arni & Yonit Klein

Ebibuuzo oba endowooza yo osobola okubiweereza ku:
EWAfrica@emmausway.org
www.emmausway.org
www.israelrevealed.org

